


MUHAMMAD (SAW)

OW'ENKOMERERO MU BA NNABBI

محمد ﷺ خاتم النبيين - أوغندي



جمعية الدعوة والرشاد ونوعية الحالات في الزفاف
هاتف، 966 164234477 - فاكس: 966 164234466

محمد خاتم النبیین ﷺ

أعده وترجمه إلى اللغة الأوغندية
جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي
الطبعة الأولى: ١٤٤٥ هـ

(ح) جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي ، ١٤٤٥ هـ

بالزلفي ، جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات
محمد خاتم النبیین - أوغندي. / جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية
الجالیات بالزلفي ؛ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات الزلفي
- ط١. - الزلفي ، ١٤٤٥ هـ

(١ : ١٢/١٧ ص : سم. ٩٢)

رقم الإيداع: ١٤٤٥/١٨١٠٥
ردمك: ٩٧٨-٦٠٣-٨٣٩٩-٢٨-٦

EBYAFAA YO BYA NABBI MU BUFUNZE

محمد ﷺ خاتم النبيين

EMBEERA Y'ABAWARABU NGA TANNABA KUTUMWA:

Baalinga abawarabu okuva edda n'edda nga basinza bintu birala atali Allah era nga y'eddiini yabwe ey'obujjajja. Era kyova olaba nga ku lw'okukkiririza mu ddiini emanyiddwa nti kyenyume n'eddiini ey'amazima, ekiseera ekyo ky'atuumibwa ekiseera kya (Jahiliyya) obutamanya. Amasanamu agaasinga okwatiikirira mu masanamu agaasinzbwanga ye Lata, Uzzah, Manata ne Hubal. Naye nga wadde kyali kityo naye era waaliwo era mubo abaali b'ekutte ku nzikiriza endala gamba nga ey'ekiyudaaya n'eyekikulisiaayo n'eyaba (majuusi) abasinza omuliro era newabaawo abatono abaali ku ddiini entuufu yokka nga nayo ye ddiini y'okwawula Katonda eddiini y'akitaffe Ibrahim.

Ate bbwo obulamu bwabwe mu by'enfuna, baalinga besigama ku by'akulunda nsolo okusinga era nga balunzi. Kati okutwala obulamu mu maaso n'okwekulaakulanya kwabwe bayongerangako

eb'y'obulimi nga kw'otadde n'ebyobusuubuzi. Naye nga wabula ekiseera kitono obusiraamu n'enjigiriza yabwo okweyleka gyebali ekibuga Makka kyali nga ky'ekibuga ekisinga okuba eky'amaanyi mu by'obusuubuzi mukyondo ky'abuwarabu, ate era waaliyo enkulakulana ezajja zibaawo mubya sente mubitundu eby'enjawulo gamba nga mukibuga kye Twaifa ne Madiina.

Kyokka ate mu mbeerazaabwe zebaawangaaliramu baalinga balyazaamanya, era nga obulyazamaanya bubunye wonna ate mu bungi ddala, okugeza; yalinga omunafu mu bo taba na kikye, ate era abamu mu bo baazikanga abaana ab'obuwala, era nga bebagala ebyaziyizibwa, nga ow'amaanyi akozesha amaanyi n'atwala eby'omunafu.

Baalinga nga ab'olwaleero, baawasanga abakyala bangi abataaliiko kkomo omu mubo abala abakyala baalina natabamalaayo – mu ngeri yeemu n'obwenzi bwali busaasanye wakati waabwe nga okwo kw'otadde entalo wakati w'ebika eby'enjawulo nga entalo zino zigwawo mu buntu obutono era nga n'olumu zisobola okugwawo mu kika ekimu.

Okwo kwekulingizibwako okutonontono ku ngeri ebika by'Abawarabu gyeby'awangaalangamu mu kyondo ky'abuwarabu nga obusiraamu tebunnajja.

IBUN ZABIIHIINA (mutabani w'eb yokusalibwa ebibiri)

AbaQuraishi baalinga b'eyagala n'ebyo byeabaabanga balina, era Abdul-Mutwalibu Jjajja wa Nabbi (SAW) yalinga yeyagala n'ezzadde lyeyali alina wamu n'obugagga. Lumu Abdul-Mutwalibu yeeyama nti singa Katonda an'amuwa abaana ab'obulenzi kkumi ajja kusalako omu kulw'okugulumiza ba katondabe beyali asinza.

Ekyonno oluvanyuma kyatuukirira abaana n'abaweza ekkumi nga balenzi era mubo mwemwali Abdallah taata wa Nabbi (SAW). Naye Abdul-Mutwalibu bweyayagala okutuukiriza eky'eyamokye yakuba akalulu mu baanabe nekagwa ku Abdallah wabula bw'ayagala okumusala abantu baayimirira mu maasoge okumuziyiza nga batya nti kino ekikolwa kiyinza okufuuka enkola ey'olulango mu bantu. Bwebatyo oluvannyuma bakkiriziganya baddemu bakube akalulu wakati wa Abdallah n'enjamia kkumi zibeere engamiya zino nga yenunuzi eri Abdallah. Naye ate bwebaddamu okkuba akalulu akalala era kaagwa ku Abdallah, okutuusa lwebaayongera ku njamia omuwendo gwaazo, kokka era bwebaddamu okukuba akalulu era kaagwa kuyye bwebatyo baagendanga bongerako emirundi egy'awera naye nga buli

Iwebakuba akalulu kagwa kuyye, b'ayongezanga engamiya zino okutuuka Iwezawera kikumi olwonno baddamu okukuba akalulu nekalyoka kadda kunjamiya. Bwatyo Abdul-Mutwalib nasala enjamiya ezo nga ennunuzi eri omw'anawe Abdallah. Era Abdallah nga yasinga obuganzi mu baanabe, Abdul-Mutwalibu nga amwagalira ddalala mu mutima gwe ate naddala bweyamala okuteelwawo ennunuzi y'enjamiya ezo ekikumi.

Bwatyo bw'amala okukula, Abdallah yamusii mira kitaawe omuwala eyali ava mu kika kyaba Bani-Zuhurat nga ayitibwa Aminah muwala wa Wahab, bwatyo n'amuwasa. Amina amangu ddala yafuna olubuto naye oluvanyuma Iw'emyezi esatu nga Aminah ali lubuto, Abdallah yafuluma n'ekibinja ky'abasubuuzi nebagenda e Shami okusuubula. Naye mu kiseera nga bakomawo w'agwawo obulwadde Abdallah n'alwala n'abeera mu kibuga Madiinah muba kojj'abe ba Bani Najjar bwatyo era eyo entuuko ye gyeyatuukira n'afa era n'aziikibwa.

Oluvanyuma gyagwako emyezi gy'olubuto era bwatyo Aminah n'azalibwa Nabbi (SAW) olunaku olw'ebbalaza naye nga tewali bujulizi bunyweza nti zaali nnaku zaamwezi bweziti oba mwezi gundi, kuba ky'agambibwa nti yazaalibwa olunaku

olw'omwenda mu mwezi gwa Rabie-Li_awwal, nekigambibwa nti nga kkumi na bbiri, era nekigambibwa nti gwali mwezi gwa Ramadhan, era nebigambibwa ebirala ebitali ebyo naye nga kino kyaliwo mu mwaka gwa 571 (omuzungu) era gwe mwaka ogumanyiddwa nga omwaka gwe njovu.

EKY'AFAAAYO KY'ENJOVU

Ekyafaayo kino ky'agwawo oluvanyuma lw'omusajja ayitibwa Abrah Al-Habashiyyi eyali omusigire wa Najjashi E Yaman bw'amala okulaba Abawarabu nga bagenda okulambula enyumba ya Allah Kaaba e Makka, nga bagigulumiza era bakuluumulukuka okugenda gy'eri ebibinja n'ebibinja okuva mubitundu ebiri okumpi n'ewala ennyo, bwatyo naye yazimba Ekkanisa ennene mu kibuga Sana-a asobole okukyusa abalambuzi bano abawarabu yyo gyebabanga balambula. Bw'atyo kyava awulira ekikolwa eky'omusajja omu okuva mu kika kya Bawarabu ekiytibwa Kinaana, omusajja ono ky'ava ayingira Kanisa eno ekiro nagy'oononamu era obukyafu obwo n'abusiiga ku bisenge bya Kanisa eyo.

Abrah bweyakitegeera kino ekyakoleddwa, yanyiiga nnyo era nategeka ejje ery'amaanyi nga alitaddemu abasaja abalwanyi nnamige nkaaga nga balina n'enjovu mwenda, nezibatwala e Makkah bamenye Kaaba, era ye neyelondelamu enjovu eyali esinga obunene. Wabula bwebamala okutuuka okumpi ne Kaaba yategeka ejje bulungi era neb'etegeka bulungi okuyingira ekibuga Makka. Wabula bwebaayagala okuyingira, Enjovu ya Abrah yatuula

wansi n'egaana okugenda mu maaso eri Kaaba, wabula buli lwebagezangako okugigoba nga edda kuludda olulala – yasitukanga nedduka ngedda gyebagyolekezza naye ate bwebaagikyusanga bagyolekeze ku Kaaba nga etuula wansi teyeyongera mu maaso.

Bwebatyo baba bakyali awo Allah kwekubasindikira ejje lye! Ery'obunyonyi okuva ebaabira nebulakuba obuyinja obwali nga butono nnyo naye nga bukumiddwako omuliro Jahannam buli kanyonyi kajjanga n'obuyinja busatu; akamu nga kali mukamwa ate obubiri mu bugere bwako. Ejjinja lino buli gwelyagwangako nga yenna ebiyungobye eby'omubirigwe bikutukakutuka era nga yenna omubiri gusasaana, bwebatyo baafuluma nebadduka nga bwebayomba mu kkubo n'obusungu obwamaanyi.

Wabula ate ye Abrah Allah yamusindikira obulwadde obwayuzayuza enweeze ez'engalo n'ebigere agenda okutuuka e Sana-a nga embeera mbi nnyo ddala, era bwatyo nafiirayo naye bbo Abaquraish enjega eno bweyagwawo badduka ne balinnya ensozi nga beyawuddeyawudde olw'okutya okuttibwa ejje eryo elya Abrah. Naye ejje bweryamala okutuukibwako ekyalituusibwako, nabo baakomawo mu mayumba

gaabwe nga bali mirembe era nga kino kyabeerawo ng'Omubaka Muhammadi (S.A.W) ebula ennaku ataano azaalibwe.

OKUYONSEBWA KWA NABBI (SAW) :

Bweyamala okuzaalibwa Nabbi (SAW) yayonsebwa omukyala ayitibwa Thuwaibah yali olubereberye yayonsako kitaawe omuto Hamza mutabani wa Abdul-Mutwalib bwatyo mu mbeera eyo Hamza abeera muganda wa Nabbi (SAW) mukuyonsebwa, bwetyo nno bwelyalinga enkola y'Abawarabu nti abaana baabwe bwebazaalibwanga baabanonyeezanga abakyala ababayonsa okuva mu byaalo basobole abaana baabwe okufuna okukuzibwa nga balina emibirri emigimu era emiramu obulungi.

Bw'atyo n'omubaka Muhammadi (SAW) baamutwala eeri omuyonsa omulala, anti mu kiseera Nabbi (SAW) nga azaliddwa wayingirawo mu kibuga Mekka ekibinja ky'abakyala ababayonsa abaana okuva mu byalo byaba Banu Sa-Adi, nga bazze okunoonya abaana bebanaayonsa n'okubalabirira.

Abakyala bano baatandika okugenda mu maka ag'enjawulo nga banoonya abaana, naye nga buli

mukyala eyatuukanga ku Nabbi (SAW) nga amwesamba tayagala kumutwala olw'okuba yali mulekwa ate nga baavu. Naye omukyala Haliimat Asa-Adiyyah nga y'omu ku bakyala bano abesambanga Omubaka (SAW). Oluvanyuma lw'okwetoloola amaka amangi ag'enjawulo amagagga asobole okujjayo omwana gw'anatwala okuyonса asobole naye okulongoosa embeeraye olw'obutesobola bweyali alina yababulwa, bwatyo yakomawo munju ya Amina nga asazeewo olw'okubulwa omulala k'agende ne mulekwa era agenda okumuwebwako omusaala omutono ennyo olw'obwavu obwaliwo.

Haliima nebba bwe baali bajja mu kibuga Makka okunoonya omwana gw'ebanayonса, bajjira ku nsolo eyali ennafu enjabayaba nga n'okutambula kwayo kunafu ddala.

Naye mukiseera nga baddayo baba batandise olugendo basitudde ow'ekitiibwa Muhammadi (SAW), Halima amutadde kubisambibye ky'abeewunyisa bona bebaali baddayo nabo bwebaalaba nga ate ensolo eyazze nga nafu n'okutambula tesobola kutambula bulungi, baagenda okulaba nga ate kati mukuddayo y'ewenyuka obuweewo! okutuusa bona bebaali

batambula nabo okubeera emabega wa Haliima nebba wamu n'omwaana wabwe Muhammad (SAW).

Sikyokka wabula kyagambibwanga nti: mukyala Haliima oyo nti talina mata mu mabeeerege, nebakyala banne bagambanga nti: abaana b'ayonsa babeera mu kukaaba olw'okuba baba tebakkuse.

Naye amabeere g'omukyala Haliima agaali amatono ennyo ky'ewunyisa nti olwagakombyako omubaka (SAW) obunafu bwago bw'akoma awo. Gaagejja negafuna amata nga mangi nnyo ddala.

Era nga bwagamba *Jundubi* nti yamuyonseza mu maka gaba Bani Sa-Adi naye olw'okuyonsebwa kw'omubaka Muhammad (SAW) amaka gano gaakyuka embeera yaago n'erongooka kulw'emikisa gyi Nabbi (SAW), ettaka lyabwe nelifulumya ebimera ebyenfuna nabyo Allah nabisaamu emikisa, bwetyo family n'eva mubulamu obw'akanyigo n'edda mubulamu obw'emirembe n'okweyagala.

Omubaka (SAW) wano ewa Haliima yabeelawo okumala emyaka ebiri nga alabirirwa Haliima era nga amukuumma olukuumma olw'ensusso sikuba nga afuna emikwano emibi egiyinza okumuyingizaamu eneeyisa eyinza okw'onoona empisa z'amutabaniwe.

Oluvannyuma Iw'emyaka gino ebiri, Haliima yazzaayo omwana ono eri maamawe Aminah ne jjajjawe e Makka, naye Haliima ono bweyalaba emikisa nya Nabbi (SAW) nga alaba nti embeera nabuli kintu bimulongokedde – bwatyo yasaba maama we akkirize ajira addayo naye asigale nya akyabeera naye, bwatyo yakkiriza Aminah era Haliima naddayo ne Nabbi (SAW) mu maka ga ba Bani Sa-Adi ewamu n'okuba nga mulekwa naye nya emikisa gy'alina tegitendwa. Bwaatyo yajjula essanyu Haliima n'emirembe olw'okubeera ne Nabbi (SAW).

OKWABULUZIBWA KW'EKIFUBA KYA NABBI

(swalla Llahu alaihi wasallama).

Muhammad (SAW) bweyali nya aseemberedde okuweza emyaka ena egypt obukulu, lumu aba azanya nemugandawe gwe baayonka naye, era mutabani wa Haliimati Sa-adia nya bali walako n'ewaka, yajja munne (mutabani wa Halima) nya adduka era nya nemukyeniyike mujjudde obubonero bw'okwewuunya n'okutya. Ky'ava asaba nyina agende mangu alabe mugandawe omukuraishi ky'abadde. Bw'atyo Haliima kyava amubuuza nti kiki ekituuseewo? N'amugamba nti

ndabye abasajja babiri bazze nga bambadde engoye enjeru nebamukwata nebamatujjamu nebamugalamiza nebamubejjula mukifubakye, era ng'ono tannaba nakumalayo kunyonyola, bwatyo Haliima yamusanga n'amulaba nga ayimiridde mukifo kimu tatambula era nga n'ekyenyikye kifuuse kyenvu. Haliima yatandika okumubuuza ebimutuuseeko n'embeera kati gyawulira? Y'amuddamu Muhammadi (SAW) nti ndi bulungi, era oluvannyuma yatandika okumunyonnyola ebibaddewo nti abasajja babiri bazze nebawkwata nga bambadde engoye enjeru nebanjasaamu ekifuba kyange nebajjamu mu mutima ekinyama ekiddugavu nebakyoza n'amazzi nga ganyogoga oluvannyuma Iwokukyoza nebaddamu nebakkomyawo mukifuba webakijje, era bw'atyo omu nasiimuula ekifo webakijje era newaziba n'okubula ne wabula.

Bwatyo Haliima yazzayo mutabaniwe ewaka, oluvannyuma enkeera ku makya yayanguwa n'akwata Muhammadi (SAW) n'amuzza e Makka ewa nnyina. Bweyatuuuka ewa maamawe Aminah, naye yewuunya Iwaki Haliima akomezzaawo omwana ewamu n'okumwekuuma ennyo bwatyo! Yamubuuza ensonga Haliima nanyonyola Aminah, era naye n'akyewuunya.

Oluvanyuma Aminah yafuluma ne Nabbi (SAW) neboolekera ekibuga Madiina agende alambule kabburi ya kitaawe (Abdallah). Baamalayo ennaku, naye baba bakomawo e Makka, bw'atyo Allah namutuukiriza entuukoye Aminah n'afiira mukifo ekiyitibwa Abuwa-U era awo weyaziikibwa. Bwatyo Nabbi Muhammadi (SAW) yasiibula maamawe nga amulese wa myaka mukaaga egy'obukulu.

Olwonno jjajjawe Abdul-Mutwalib n'abeera nga yalina okutwala obuvunanyizibwa bw'okumulabirira era yatandika okumulabirira.

Wabula Nabbi (SAW) bwewayeweza emyaka munaana egy'obukulu, era ne jjajjawe Abdul-Mutwalib naye naafa! kati n'amulekera taatawe omuto Abu-Twalib ewamu n'okubeera nga yali alina abaana bangi ddala ate nga n'enfuna ntono ddala. Bwebatyo Abu-Twalib nemukyalawe nebakuza Nabbi (SAW) nga bamutwalira ddala nga omwana wabwe kennyini gwebazaala.

Omwana ono mulekwa y'ekwata kutaatawe omuto nebabbeera bona ebbanga lyonna okutuusa Abu-Twalibu naye bwewayfa. Wano nno mukiseera kino yatandika obulamu obw'okweyimirizaawo yekka wabula olw'okkuzibwa obulungi, emigaso emingi

gyatandika okulabikira ddala olw'okuba tewaalliwo gw'ayinza kugamba nti gvatya atali Allah.

Amazimage, obwesigwabwe n'ebirala byamweylekangako okutuusa Iweyatuumibwa erinnya Al-Ameen (Omwesigwa). Kyatuuka ekiseera mu Bantu beyali awangaaliramu, nga bw'ogamba nti omwesigwa azze, bamanya bumanya nti ayogerwako ye Muhammadi (SAW).

Bwatyo bweyakula nga atandika obuvubuka, yatandika okweyimirizaawo mu nsonga z'obulamu bwe era n'okunoonya ebyenfuna na yye. Yatandika enjendo z'emirimu n'okukola, n'akola emirimu gamba nga okulunda embuzi z'abamu kuba Quraishi nga babaawo ne sente entono zebamuwa. Era n'atandika okwegatta ku bibinja by'abasuubuzi abaagendanga e Shami okusuubula era nga kuliko ne Khadijah muwala wa Khuwailid era nga ataddemu sente nyngi.

Khadijah ono eyali omukyala namwandu, yalinga mutabaniwe gwe yali asindise nga amukyikiride kukutunuulira n'okulabirira emmaali ye n'okusalawo kunsonga zaayo. Naye ku lw'omukisa gwa Nabbi (SAW) n'obwesigwa, eby'obugagga bya Khadijah kw'olwo byaleeta amagoba geyali tafunangako. Era bwatyo Khadijah yabuuza mutabaniwe amagoba

gye gavudde amanji gatyo? Mutabani yamuddamu nti Muhammadi mutabani wa Abdallah yeyatutte obuvunanyizibwa bw'okutunda, abantu babade bayiika gyali oluyiika nga bakkiriza byatunda era nga babyagala nnyo n'atunda nebagula nnyo ate nga basiimye era ewatali kulyazaamanya muntu yenna.

Bwatyo yamuyozaayoza olugendo mutabaniwe, so nga era Khadijah ono yali alina kyamanyi ku Muhammadi ono mutabani wa Abdallah nga amumanyiko ensonga ez'enjawulo. Wabula yayongera okuyitiriza okumwewunya, era Khadijah neyegomba Muhammad mutabani wa Abdallah ono amuwase.

Bwatyo yatuma omu ku benjandaze asobola okugenda okumunnyonyola obwetaavu bwokumufumbirwa. Mu kiseera ekyo, omubaka yali awezessa emyaka abiri mwetaano egy'obukulu. Omukyala gwe baatuma yajja ew'omubaka (SAW) n'amutegeeza nga Khadijah bwamwagala amuwase, era naye (SAW) n'akisiima eky'okuwasa Khadijah, bwatyo namuwasa.

Baabeera mu bufumbo bombi obwali bujjudde essanyu emirembe n'okwesiima. Bwatyo nabbi Muhammadi (SAW) bw'amala okuwasa Khadijah

n'atwala obuvunanyizibwa bwokulabirira
n'okutambuza ensonga z'ebiyobugagga bwa
Khadijah era obusoboziwe nebukula nnyo naddala
nti bwalimu obwesigwa, negitambula emyaka era
negyegoberera. Khadijah nafuna nga embuto era
n'amuzaalira abaana.

Abaana beyamuzaalira abawala baali bana, nga be;
Zainab Ne Ruqayyah Ne Umu Kuruthum ne
Fatwimah, nga nemubalenzi mwaalimu Qasiim ne
Abdallah wabula nga bano Qasiim ne Abdallah
bombi baafa nga bato.

OBWANNABBI

Ow'ekitiibwa (SAW) bweyasemberera okuweza
emyaka amakumi ana yayitirizanga nnyo
okw'eyawula nagenda mu mpuku eyitibwa Al-Hiraae
nga esinjanibwa mu lusozi oluli okumpi n'ekibuga
Makka ku ludda olw'ebuvanjuba. Yagendangayo
(SAW) n'amalyo ennaku n'ebiro byazo eziddirijanye
nga asinza Katonda.

Naye lumu, mukiro eky'ali eky'abiri mw'olumu mu
mwezi gwa Ramadhan, yali ali awo mu (*Gaar
Hiraae*) munda olwo nga aweezza emyaka
amakumi aana egyptobukulu, malayika Jiburiilu
yamujjira n'emugamba nti soma, Nabbi (SAW)

yagiddamu nti: nze simanyi kusoma. Malayika yamuddamu omulundi ogw'okubiri nti nkugabye soma, n'ogwokusatu. Wabula bweyamala okumuddamu ogwokusatu, yamugamba nti:

﴿اَقْرَأْ بِاسْمِ رَبِّكَ الَّذِي خَلَقَ * خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ عَلِقٍ * اَفْرَأً وَرَبُّكَ الْاَكْرَمُ * الَّذِي عَلِمَ بِالْقَلْمَنِ * عَلِمَ الْإِنْسَانَ مَا لَمْ يَعْلَمْ﴾ [العلق: ١ - ٥]

"Soma erinnya lya Katondawo oyo eyatonda, yatonda omuntu nga amujja mu kinyamanyama, soma erinnya lya Katondawo oyo ow'ekitiibwa, oyo eyayigiriza n'ekkalamu, yayigiriza omuntu ekyo kyeyali tamanyi".

Bweyamala yamuvaako n'agenda, wabula nabbi (SAW) teyasobola kusigala mu mpuku, yavaayo naddayo ewakaa, nayingira eri mukyalawe Khadijah nga amameeme gamukubagana olw'okutya okungi kwe yali afunye. Yagamba mukyalawe nti mbikka mbikka, era naye n'amubikka okutuusa okutya lwekwamuvaako, olwonno n'amunyumiza ebimutuuseeko.

Nabbi (SAW) yategeeza Khadijah nti ntiddemu, nyinza okufuna obuzibu. Khadijah n'amugamba nti nedda totya mazima nkulayirira Allah nze nkakasa

nti Allah tayinza kukulekerera wadde okkunakuwaza ebbanga lyonna, kuba mazima gwe oyunga enjanda, era oyamba abanaku, era n'olwanirira amazima.

Nga wayise akaseera, nabbi (SAW) yaddayo mu mpuku agende mu maaso n'okusinza Katondawe. Bweyamala okusinza yavaayo mu mpuku adde eweka. Wabula aba atuuka mulusenyi, yamujjira Jibuliiru nga atudde kuntebe wakati weggulu n'ensi, n'amussaako obubaka, nga bwekiri mu Suratu Mudathiru:

﴿ يَا أَيُّهَا الْمُدَّثِّرُ * قُمْ فَانِذْرُ * وَرَبَّكَ فَكَبِّرْ * وَرَبِّكَ فَطَهَّرْ * وَالرُّجْزَ فَاهْجُرْ ﴾ [ملش: ٥-١]

Allah agamba nti: "Owange gwe Mudathiru (eyeebisse) situka ogende otiise abantu, ne Katonda omuleziwo omugulumize, n'engoyezo ozitukuze, nebikyafu obisenguke"

Oluvanyuma bw'agenda mu maaso obubaka nga bukka. Naye nabbi (SAW) bw'atandika okukoowoola abantu, yatandikira ku mukyalawe ow'ekitiibwa mukyala Khadijah era n'atoolaa shahada nakkiriza obwomu bwa Allah nti era yasinzibwa yekka nga tagattiddwako kintu kirala kyonna, nebba

Muhammadi (SAW) naye n'amukkiriza era n'amukakasa nti nabbi wa Allah. Bw'atyo n'abeera omuntu eyasooka okusiramuka.

Oluvanyuma nabbi (SAW) yagenda n'ayogera ne Abubakar Swiddiiq mukwanogwe (nfanfe) era naye yakkiririzaawo era nakakasizaawo. Bwatyo omubaka (SAW) yali mwesimbu n'okulaga obusiumu eri taatawe omuto Abi-Twalibi oyo gwetwalabye eyamulera era n'amukuza oluvanyuma lw'okufa kwa maamawe ne jjajjawe.

Yali yeyawulira naye najjayo mubaanabe najjayo Ali Bun Abii Twalibu naye n'amulera nga abeera wakaawe era nga amulabirira amusasanyizaako kyonna ekiba kyetaagisizza. Bwatyo mu mbeera eno Ali naye yakkiriza nabbi (SAW) n'olvanyuma nagobererwa Zaidu Bun Harith.

Yagenda mu maaso nabbi (SAW) mu kukowoola abantu nga abakowoola mukyama era abasiraamu mu kiseera ekyo baalinga bakweka obusiraamu bwabwe okutuusa ekiseera lweky'atuuka nga singa wabaawo amawulire agafuluma nti gundi oyo asiramuse, aba agenda kufuna ebibonerezo ebikakali okuva mu bakurayishi okutuusa lwebakakassa nti Obusiraamu abuvuddemu naddayo mu bukuffaru.

OKUKOOWOOLA KWA NABBI**OKW'OLWATU:**

Oluvanyuma nga omubaka Muhammad (SAW) yaakamala emyaka esatu nga asaasaanya obusiraamu mu nsasanya ey'ekyama era nga ayita abantu sekinoomu, wano Allah yamussaako etteeka n'amulagira ayatule buli muntu ategere Iwatu. Nga Allah bw'agamba mu Surat Hijir aya 94 egamba nti:

﴿فَاصْدِعْ بِمَا تُؤْمِنُ وَأَعْرِضْ عَنِ الْمُشْرِكِينَ ﴾ [الحجر: ٩٤]

"Kati yatula onnyonyole ekyo ky'olagiddwa era weesambe bannashiriki abagatta ku Allah ebintu ebirala".

Bw'atyo kw'olwo omubaka (SAW) yayimirira ku lusozi Swaffa n'atandika okukowoola era abantu bangi baakuñjana gyali nga akowoola abantu bomu Makka. Mw'abo abaakuñjana kwolwo mwe mwali taatawe omunto ayitibwa Abu_Lahabi, ono yali mwabo abasingira ddala okubeera n'obukyayi eri Allah n'omubaka (SAW). Bwebaamala okukuñjana gyali mubungi yababuuza nabagamba nti mulaba mutya singa mbagamba nti emabega w'olusozi luno waliyo omulabe agenda kutunakuwaza, abaffe musobola okunkakasa? Baamuddamu nti gwe tetukulabangamu okujjako amazima n'obwesigwa

(amakulu lwaki kale tetuukukakase) bwatyo kyeyava abagamba nti nzenno gyemuli kati ndi mubaka omutiisa era nga mu maaso gange yenna atakkirize byenzize nabyo ayolekedde ebibonerezo ebyamaanyi.

Bwatyo oluvanyuma yatandika omubaka (SAW) okubakoowola eri okusinza Katonda omu yekka n'okubeewaza okugenda mu maaso n'okusinza ebyo byebaali basinza nga amasanamu n'ebirala.

Mu kiseera ekkyo yesowolayo Abu Lahabi mabantu bonna namugamba nti zikilila gwe Muhammad ekkyo kyekyatkuñjanyisizza? Bwatyo ne Allah awo kwekumussaako esuula namba esomwa okutuuka ku lunaku lw'enkomerero nga bwagamba Allah:

﴿ تَبَّتْ يَدَا أَبِي هَبٍ وَتَبَّ مَا أَغْنَى عَنْهُ مَالُهُ وَمَا كَسَبَ * سَيَصْلِي نَارًا ذَاتَ هَبٍ * وَامْرَأَتُهُ حَمَّالَةُ الْحَطَبِ * فِي جِيدِهَا حَبْلٌ مِنْ مَسَدٍ ﴾ [المد: ١ - ٥]

Agamba Allah nti: "Gizikiridde emikono gya Abi Lahabi naye yennyini nazikirira, temugasizza emmaliye n'ebyo byeyakola naakunjaanya, agenda kuyingizibwa omuliro gunannyini bitawuliro

(*gunnannyini kwokela ddala), nemukyalawe omwetissi w'enku ezafitina, nga mu nsingoye omuli omuguwa ogw'ekyuma*".

Bw'atyo yagenda mu maaso omubaka (SAW) okukowoola abantu eri obusiraamu era nga olwo abayita mulwatu naddala mu bifo omukunjjanira abantu abangi, era yalinga asaala ku Kaaba era nga kimwegattako ekibinja ky'abantu, bwatyo nga amala n'agenda eri bannashiriki mubutale bwabwe nabakoowoola eri okusinza Katonda omu.

Mu mbeera y'okutuukiriza obuvunanyizibwa buno yafuna ebizibu, okunyiizibwa, n'okunakuwazibwa bingi nnyo ddala. Okubonyabonyezebwa tekwakoma kuyye yekka, wabula n'abo abaamukkirizaamu baafuna ebibonyoobonyo okuva mu Ba kuraish. Era nga nemubaafuna ku kubonyabonyezebwa okwo mw'emuli Yaasir ne Sumayya ne mutabani wabwe Ammari era bbo abakulu abazadde ba Ammari baafa nga abajulizi (Shaheed) naye nga baafa olw'obuyitirivu bw'okubonyabonyezebwa era n'abeera nga omukyala SUMAYYA yeyasooka okufa nga mujulizi mu Busiraamu. Era kyekimu ne Bilali Bun Rabah okuva e Habasha yafuna okubonyabonyezebwa kunene nga abonyabonyezebwa Ummayyah Bun Khalaf ne

Abijahal. Bilal ono yali ayingidde Obusiraamu ngaako woolebwa Abubakar naye Ummaya bw'amala okumanya nti Bilal yasiramuse, yatandika okumubonereza nabuli kika ky'akibonerezo okulaba nga aleka obusiraamu (addeyo mu bukafiiri) wabula Bilal yagaana era n'alaga obunywevu obwali obwensusso ku Busiraamu. Ummayah yalinga amutwala ebweru w'ekibuga Makka nga akoligiddwa ku njegere nga amwebasizza mu musenyu ogwokya n'amusaako oguyinja ogunene ku kifubakye era nassaako n'okumukuba emiggo n'abamukkiririzaamu naye nga ye Bilal addijana ekigambo kimu nti "*ali omu ali omu!!* Amakulu nti Allah ateekwa okusinzibwa ali omu yekka eyatonda eggulu n'ensi. Okutuusa lumu Abubakar lweyamuyitako nga ali mumbeera eyo, bali mu kumubonereza bwatyo n'asalawo Abubakar namugula kumukamaawe Ummayah n'amuta namuja mu buddu Abubakar Allah amusiime.

Olw'amagezi agaawaggulu omubaka (SAW) ge yali alina, yaziyyanga abasiraamu okw'olesa obusiraamu bwabwe, era baalinga bakunjana gyali mukyama kubanga singa teyakola ekyo, Abashiriki muba Kuraish tebandibakkirizza kubeera nga asomesa abasiraamu eddiini yabwe, era ekyo kyandibadde kyangu nnyo okuleetawo okutomeregana

(okusisinkana n'abaQuraish). Amakulu okulwanagana so nga kuno kw'alinga kusobola mu kiseera ekyo okukosa ennyo abasiraamu n'okukosa okusinza kwabwe Katonda wabwe omu yekka, n'olwekyo, ne kiba nga ekyali eky'amagezi kwekukweka Obusiraamu bwabwe. Naye nga yye omubaka (SAW) yalinga agenda mu maaso n'okukoowoolaabantu bayingire Obusiraamu, era nga kino yakikolanga mulwatu, n'okusinza (Ibaadaze) yazikolanga mu Iwatu era mu maaso gabashiriku abaquraish ewamu n'okubeera nga naye yabafunangamu obuzibu n'okunakuwazibwa.

OKUSENGUKA OKUGENDA E HABASHA:

Olw'ensonga y'okubonyabonyezebwa kw'abuli yenna eyategeerekeda nga asiramuse nga banashiriki bamubonyabonya naddala abo abaalinga abanafu mu basiraamu, bwebatyo baswahaba baasaba omubaka (SAW) abakkirize bagende e Habasha gyebaba bakolera eddiini yabwe ewa Kabaka NAJJASHI nga balaba nti eri Kabaka oyo bajja kufunirayo emirembe kuba okusingira ddala bangi mubasiraamu baatya nti bbo n'abantu baabwe singa tebavaawo aba kuraishi bagenda kubabonyabonya, era ne nabbi (SAW) teyagaana

bakkiriza okusengukira e Hahaha. Kino ky'aliwo mu mwaka ogw'okutaano okuva Iweyatumbwa (SAW).

Bwebatyo abasiraamu abaali bakunukkiriza mu nsanvu baasenguka nebagenda n'abantu babwe (ntegeeza abakyala n'abaana), era nemubaasenguka mwemwali Uthuman Bun Affan wamu ne mukyalawe Ruqayya muwala wa Nabbi (SAW).

Bagezaako aba Kuraishi okw'onoona obutuuze bwabwe e Habasha era bwebatyo nebasindika ebirabo eri Kabaka NAJASH nga bamusaba akwate abasiraamu abo abadduse e Makka olw'eddiini yabwe ababaddize babazze e Makka. Era okwagala okutuukiriza kino baamugamba nti abasiraamu abo bavuma nabbi ISA Alaihi Salaam ne maamawe naye Najash bw'amala okubuuza abasiraamu ku nsonga eyo b'amunyonyola enzikiriza entuufu mu Isa nga Qur'an bweginyonyola era nebamunyonyola amazima nga bamusomera Surat Mariam, bw'atyoyabakkiriza kyebagamba n'agaana okubawaayo eri abakuffaru abakuraish, era naye nakkiriza obusiraamu era nabulangirira.

Bw'atyoyabakkiriza kyebagamba n'agaana okubawaayo eri abakuffaru abakuraish, era naye nakkiriza obusiraamu era nabulangirira.

okusoma Surat Najim mu ngeri yeemu awo waaliwo ekibinja kinene eky'aba Kuraishi naye nga abantu abakuffar bona baali tebawulirangako bigambo birungi biti ebya Qur'an, olw'ensonga nti baalinga baalamirigana wakati wabwe nti bigambo bya Nabbi (SAW) naye bwebaawulira ebiligambo bya Allah bino tebyabaleka ky'ekimu, wabula by'akonkona amatu gaabwe buli omu mubo nasigala nga atendeleza obulungi bw'abyo n'okubirowoozaako. Ate bweyatuka ku aya esembayo egamba nti "*Era muvunname musembere eri Allah era mumusinze*". Nabbi (SAW) bweyagisoma yavunnama nabo tebasobola kukigumiikiriza nabo nebakka wansi nebavunnam.

Abakuraishi baagenda mu maaso n'okulwanyisa Da-awa ya nabbi (SAW) nga mukyo bakozesa obukodyo obw'enjawulo mukugirwanyisa nga bamubonyabonya n'okumulabula n'okumulaganyisa okumutta n'okulemesa Da-awaye okugenda mu maaso n'abantu okunywelera ku ddiini y'Obusiraamu era ne namba yabisiraamu okweyongera buli lunaku.

Bwebatyo bwebalaba aba kuraishi nga embeera ebalemerekedde baatula nebaleetayo ate akakodyo akapya mukulwanyisa obusiraamu nga nako kwali

kuwandiika kiwandiiko, mwe bakkanyiza okukutulawo enkolagana nabuli musiraamu era bababoole tebabaguza era tebabagulaako kintu kyonna nga muno bagattamu neba Banu Hashim nga nabo babooleddwa era nga tekyali kubagulako nakubaguza, teri kubawasaamu wadde okubafumbiza, tebakolagana nabo munsonga yonna era tebayambagana nabo munsonga yonna.

Olw'embeera eno, abasiraamu baawalirizibwa okusenguka bave mu kibuga Makka nebagenda wabbali mu biwonvu ebyali birinaanye ekibuga Makka. Mu kiwonvu ekiytibwa ekya Abi Twalib, abasiraamu baafunirayo ebizibu bingi ebitatendwa nebalumwa enjala mungeri ez'enjawulo era abaalina obusobozi muby'enfuna baateekawo sente zabwe okutuusa maama mukyala Khadijah bweyawaayo kyonna kyeyalina muby'obugagga. Eno nno baafunirayo ebirwadde eby'enjawulo nebibatuusa abangi mubo okuzikirira, naye era baanywera nebaguminkiriza era tewaali n'omu mubo yava mu ddiiniye kudda mubukafiiri.

Okuboolebwa kuno (boycourt) kwtwala ebbanga ly'amyaka esatu. Okutuuka Iwewaaavaayo abantu mu basajja aba kuraishi abaali abaatikirivu abo abaalina akakwate mululyo neba Bani Hashim baavayo

nebamenya endagaano eyo eyawandiikwa nebasalawo obutaddamu kukolera kwebyo ebyagiwandiikwamu era ekyo nebakirangirira mu bantu abaali naddala abaawaggulu. Tebaakoma awo, ekiwandiiko kino kyajjibwayo naye eky'abewunyisa baagenda okukiraba nga enkuyege kyonna zakirya dda wasigalawo mboozi yokka eyali egamba nti (ku lw'erinnya lyo ggwe Ayi Katonda mukama wange).

Bwebatyo bweb'alaba nga birabise bityo, okuboola kwabwe kuno nebakusazaamu era abasiraamu nebakkirizibwa nebakomawo mu kibuga Makka, naye era aba kuraishi baali tebannaba kulekayo kugenda mu maaso n'obulyazamanya bwabwe obw'okutulugunya n'okukijjanya abasiraamu.

OMWAKA GWENNAKU:

Mu mwaka guno bw'atandika obulwadde obwamaanyi okulumma Abi Twalibi taata w'omubaka (SAW) omuto bwebutyo nebumuteeka wansi kubuliri era tewaaayitawo kiseera kinene bwatyo malayika w'okufa nemuyingirira wabula awo n'omubaka yali nga amuli emitwetwe amukowoola akkirize nga tannaba kufa nti: *Allah ali omu era tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah*, naye

era nga bwekitera okubeera buli lw'okwana emikwano gy'abwonoonefu manya nti wezikirizza wekka, kuba mubano mwalimu Abu_jahal, bano buli nabbi (SAW) lweyamukoowoolanga eri obusiraamu nga mikw'anogye gino emyonoonefu emijeemu nga gimugamba nti oyagala kuva kunzikiriza ya taatawo Abdul-Mutwalibu baagenda mu maaso n'okumubuza era nebamulemesa okusiramuka n'afa nga mushiriku!

Omubaka (SAW) yafuna okunakuwala olwa taata we omuto okufa nga tasiramuse, olwonno okunakuwala kuno nekuba nga kukubisiddwamu emirundi ebiri; olw'okufa kuno, ate n'okuba nga tasiramuse.

Okunakuwala kwamweyongera, kubanga waba waakayita emyezi egiali gikunuukiriza ebiri nga Abu Twalibi afudde, ate nemukyalawe Khadijah naye Allah n'amujjulula naafa. Bwatyo ono omubaka yamuleetera ennaku n'okunakuwala kwansusso era wano Aba kuraishi baatandika okubonyabonya omubaka (SAW) olubonyabonya nga talina muntu asobola kumubudaabuda oluvanyuma lw'okufa kw'ataatawe omuto Abu-Twalibi gwebakwatirwanga ensonyi, n'okufa kwa mukyalawe Khadijah Allah asiime kuyye.

OMUBAKA (SAW) E TWAIFA:

Obw'akyewaggula n'obulumbaganyi n'obulabe bw'aba Kuraishi eri abasiraamu n'okubanakuwaza by'agendera ddala mu maaso. Naye lumu nabbi (SAW) yafumintiriza naasalawo okugendako e Twaifa akowoole abantu baayo eri obusiraamu oba oli awo Allah an'abalunjamya.

Olugendo luno olw'eTwaifa terwali lwangu olw'obuzibu bwekkubo eryali ezzibu ennyo eririna ensozi ennene, empanvu ezaali ziryetoolodde ewamu n'ekyo okwali okwaniriza nabbi (SAW) okuva mabantu be Twaifa nebigambo eby'abavaamu byali bibi nnyo ddala, kuba tebaamuwuliriza wabula baagoba mugobe era nebamusindiikira abavubuka babwe nebatandika okumukuba amayinja okutuusa ebisinziiro bye byonna webyabuna omusaayi, bwatyo omubaka (SAW) mubunakuwavu obw'ekitalo yakyusa n'avaayo nga akomawo ayolekere gyeyavudde e Makka.

Mu kiseera ekyo ng'ali mubunakuwavu obwensusso yajja gyaali malaika Jiburiilu nga ali wamu ne malayika w'ensozi abeere nga amulagira kyonna ky'ayagala bakolebwé abantu abo abamunakuwazza. Jiburiilu yasooka namukowoola

namugamba nti: owange Muhammadi mazima Allah akusindikidde malayika w'ensonzi oyo omulagire kyonna ky'oyagala. Era malayika ono n'amugamba nti owange Muhammad bw'oba oyagala nsobola okubabikkisa ensozi zino ebbiri nembasanyawo bona, kuba ensozi zino zaali z'etolodde ekibuga ekyo. Naye omubaka (SAW) yayanukula Malayika namugamba nti: nedda wabula nsubira nti kumigongo gyabwe Allah alijjako ezadde erigenda okusinza Katonda mubwomu bwe nga terimugattako kintu kirala kyonna. Mazima ddala kino ky'alaga obugumiikiriza bwetalina Omubaka nti bwali bwamaanyi nnyo wamu n'obusaasizi eri abantu b'ekibiinakye kuba wulira bwabasaasira ewamu n'okunyizibwa n'okunakuwazibwa byebamutuusizzaako.

OKW'EBEJULAMU KW'OMWEZI:

Mu bintu ebingi Abashiriku be Makka byebaalinga bawakanya nabyo omubaka (SAW) nga bamugamba bwaba ddala mubaka era nga nabbi wa Katonda, abakoleleyo ebyamagero; awonno bakakase obutuufu bw'obubakabwe, ate kino baakiddinjana emirundi egiwerako, era lumu baamusaba bw'aba nga ddala mubaka asabe Katondawe abejjulemu omwezi ebibajjo bibiri.

Omubaka (SAW) yasaba Allah ekyo, era Allah nagubalaga nga bwegwebejjuddemu ebiwayi bibiri ate aba kuraishi kano akabonero Allah yakabalaga ekiseera ekyali ekinene naye era baagana okukkiriza wabula nebagamba nti Muhammadi atuloze! aloze maaso gaffe g'egalaba obubi (era nga shayitwani bwetabulwa kyeyogeza muntu olw'obutaagala kukkiriza mazima) bwatyo omu mu basajja kyeyava abagamba nti eryo bwemuba muliyita ddogo, mazima yye tasobola kuloga bantu bonna kati tulinde banaffe abaagenda mu Saffaari nabo tubabuuze nga bakomyewo tulabe oba n'ewabwe gyebaali kyatuuseyo naye bwebaamala okudda abo abaali baagenda munnjendo ezaali ewala okuva e Makka, baababuuza kiki kyebaalaba olunaku olwo saawa ezo nebabaddamu nti naffe twalaba omwezi nga gw'ebejjuddemu ebitundu bibiri! kyokka

eky'ewunyisa nate era aba kuraishi ewamu n'obwo obubonero bwonna era baalemera mubukafiiri bwabwe nebaganaa okukkiriza nabbi (SAW) n'eddiini ya Allah ey'obusiraamu.

OLUGENDO LWA ISRAA NE MI'IRAAJ

Oluvanyuma lw'okudda kwomubaka (SAW) okuva e Twaifa n'ebyo byonna eby'amutuukako era n'olvanyuma lw'okufa kwa taatawe omuto Abu Twalibu era nagobererwaako Khadijah ewamu n'okusukka kwokubonyabonyezebwa kw'abasiraamu, okunakuwala kwakuñjana ku mutima gwa nabbi (SAW). Bwatyo Allah yamukubagiza, olunaku lumu bweyali nga yeebase malayika jiburiilu yamujjira nga amuletedde ensolo eyitibwa BURAAK nga eno ensolo efaanana enfarasi erina ebiwawaatiro bibiri mpitirivu mukudduka, bwatyo yagimutuuzaako oluvanyuma neboolekera e Baitil-makudisi mu Palastain. Oluvanyuma eyo gyeyasinziira n'alinnysibwa muggulu bwatyo n'alaba mubyamagero bya Allah ebingi ddala era eyo muggulu Allah gyeyamulaarikirako eswala ettaano. Mu kiro ky'ekimu yakomezebwawo e Makkah nga ekifubakte kifunye okutoowolokoka era nga afunye essuubi ddene ddala mu kutaasibwa kumulimo

gw'aliko nokkakasizaddala nti ali kumulamwa, nekusonga eyo agamba Allah mu Surat Isiraa aya 1:

﴿سُبْحَانَ الَّذِي أَسْرَى بِعَبْدِهِ لَيْلًا مِنَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ إِلَى
الْمَسْجِدِ الْأَقْصَى الَّذِي بَارَكْنَا حَوْلَهُ لِنُرِيهُ مِنْ آيَاتِنَا إِنَّهُ هُوَ
السَّمِيعُ الْبَصِيرُ﴾ {الإسراء: ١٠}

"Yatukula Allah oyo eyatambuza omudduve (muhammadi) mu kiro okuva mu muzikiti gwa Haram e Makka n'amutwala mu muzikiti e Palasitain oguyitibwa Masjidil-Aqiswa eyo gyetwetoolooza emikisa, olwonna tulyoke tumulage obubonero bwaffe, mazima ye Allah awulira bulungi ate nnyo ebigenda mu maaso munsi, era byonna abiraba".

Bwebutyo bwe bwakya ku makya, yayolekera ku Kaaba naatandika okutegeeza abantu ebyo eby'amutuuseeko ekiro. Wabula ate wano baayongererako ddala okumulimbisa abakuffaru wamu n'okumukwenyakwenya mungeri y'okumujereegerera era okutuusa abamu kubo bwebamugamba nti kale tunyonyole omuzikiti gwe Baitil-Maqudisi bwegufaanana katinno nga banoonya okumulemesa naye ky'abewunyisa

bweyatandika okugunyonyola kitundu ku kitundu nga bw'ogamba nti nsonda ku nsonda, wabula nakino abashiriku tekyabamalira wabula baamugamba nti era twagala obujulizi obulala. Kyeyava abagamba nti bwenabadde ngenda nasisinkanye mu kkubo ekibinja ky'abasuubuzi abajja e Makka nababanyonyola era nabanyonyola n'omuwendo gwe ɳamiya zebalina era nabanyonyola naddi Iwebatuuka, nga bino byonna byali bituufu era bwebityo bwebyali naye era abakafiiri baasigala mububuze bwabwe olw'obukafiiri nebagaanaa okumukkiriza olw'obuwakanyi bwabwe n'okugaana okukakasa amazima.

Kumakya g'olunaku olwo Iweyatwalibwa muggulu malayika Jiburiilu yajja eri nabbi (SAW) n'emuyigiriza engeri y'okusaalamu esswala zino ettaano era n'ebiseera byaazo kubanga ekyo nga tekinnabaawo esswala zaasalibwanga raaka bbiri ku makya ne raaka bbiri akawungeezi.

Bwatyo omubaka (SAW) mu kiseera ekyo essira mu Da-awa ye yasinga okuliteeka kwabo abajja nga ku Kaaba e Makka oluvannyuma lw'okulaba nga bbo aba Kuraishi bagugubidde kubuwakanyi, amazima bagagaanye, bwatyo yalinga asisinkana abantu mu

mayumba gaabwe mu bifo mwebatuukidde nga bw'abakowoola eri obusiraamu era nga bwabubanyonyola, naye yalinga taatawe omuto Abi-Lahabi amuvaako emabega nga bw'amwewaza abantu baleke kumuwliriza wadde okumugoberera. Naye Iwali lumu yajja eri ekibinja ekyali kivudde e Madiina n'abakoowoola era nebamuwuliriza era nebakkiriziganya bamukkirize era bamugoberere kuba bano abantu b'emadinah baalinga bazze bawulira okuva mubayudaaya b'eMadiina nga basoma mubitabo byabwe nti waliyo nabbi agenda okutumwa ate ekiseera ky'okujjakwe kisembedde, y'ensonga Iwaki nabbi Muhammadi (SAW) bweyabakoowoola baamanya nti ddala ye nabbi bulijjo abayudaaya gweboogerako twanguwe okumukkiriza abayudaaya baleke kutusooka era bano baali abantu mukaaga.

Kati mu mwaka ogwaddako ekibinja okuva e Madiina kyajja kya basajja kkumi na babiri bwebatyo nebasisinkana nabbi (SAW) era n'abayigiriza obusiraamu naye bwebadda e Madiina yabawa Mus-abu Bun Umair agende nabo abayigirize okusoma Qur'an n'amateeka ge ddiini amalala, era bwatyo Mus-ab Allah yamusobozesa omulimo ogwo n'agukola bulungi ddala mu bantu be Madiina era agenda okudda e Makka oluvannyuma

Iw'omwaka, yajja n'abasajja nsanvu n'abakyala
babiri nebasisinkana omubaka era nebewera gyali
nga bamulaganyisa okutaasa ediini ye
gyeyakowolerako era bagenda kumugondera,
bwebatyo oluvannyuma nebadda e Madiina.

EKIFO KYA DA'AWA EKIPYA:

Bwakeera enkya nga Madiina kifo eky'emirembe era ekyetegefu okwolesezaamu amazima, era bwebatyo baatandika abasiraamu okusengukirayo batebenkere mukukola eddiini yabwe, ewamu n'okubeera nga Abakuraishi baakola kinene okuziyiza abantu okugendayo. Abamu kubo nebafunanga okuziyizibwa n'okubonerezebwa, wabula era baasenguka nga mukyama olwokutya aba Kuraishi, era nga ne Abubakar yali nga asaba nabbi (SAW) amukkirize naye asenguke adde e Madiina, nga nabbi (SAW) bwamugamba nti gumiikiriza topapa oba olyawo Allah anakufunira mukw'anogwo mulugendo (amakulu musenguke mwembi) bwebatyo nebasenguka abasiraamu abasinga obungi.

Abakuraish baatabuka emitwe bwe baalaba okusenguka kw'abasiraamu mubungi ddala n'okukunjaana kwabwe mu bungi obwensusso e Madiina, kuba wano baamanya nebatya nti Muhammad agenda kufuna amaanyi agensusso era ne Da'awa ye (okukoowoolakwe) egenda kufuna obuwanguzi, bwebatyo baatuula nebateeseganya era nebakkanya batte nabbi Muhammadi (SAW) era mukino, Abu Jahal yaleeta ekiteeso nagamba nti

tukwate abavubuka abato abaamaanyi okuva mu buli kika tubawe ebitala bagende beetoolole Muhammadi bamukube (ebitala) olukuba lumu bwatyo omusaayigwe gusaasanire ebika byonna, ekikakye ekimu eky'a Bani Hashim tekigenda kusobola kuwalana buli muntu.

Allah yabikkulira ku nabbewe ebyali bigenda mu maaso era nabbi (SAW) nebakkiriziganya ne Abubakar basenguke bagende e Madiina oluvannyuma Iwa Allah okumukkiriza asenguke.

Omubaka (SAW) ekiro ekyo yasaba Ali Bun Abi-Twalib yebake mu buliribwe mw'aba asula nga ayagala aba Kuraishi babuz'ebuzibwe balowooze nti mwali mu nju yeebase kumbe yagenze dda.

Bwebatyo bbo bajja nebетooloola enju era Ali nebamilaba nga mwali mu buliri nga bbo balowooza nti nabbi Muhammadi y'alimu, nebalindirira mu kiseera kye nga afuluma balyoke bamumalirize olumaliriza lw'okumutta nga bwebali balagiddwa. Naye oluvannyuma basajjabattu omubaka (SAW) yabayitako nga bali mu tulo nga enju bagyetoloodde era n'akwata ettaka n'agenda nga asiiga buli omu kumutwegwe, bwatyo Allah nabazibira ddala amaaso tebasobola kumulaba nabbi (SAW) nga abayitako wadde okumuwlira.

Omubaka yafuluma n'agenda ewa Abubakar nebafuluma bombi neboolekera e Madiina.

Bwe baatambulako akaseera, kyebaava bekweka mu mpuku eyitibwa Gaar Thauri, naye nga bbo abavubuka aba Kuraishi bakyebase balindirira bukye era bwebwakya kumakya Ali Bun Abi Twalib yafuluma mu buliri naagwa mu mikono gyabwe nebamubuuza ebikwata ku mubaka wa Allah, naye talina kyeyababuulira okutuusa Iweb'amukuba nebamusikasikanya oluvannyuma abakuraishi baasaba nebatuma ekibinja mu buli kitundu yenna anaalaba ku Muhammadi naamuleeta nga mufu oba nga mulamu agenda kuweebwa ennjamiya kikumi (100). Ekibinja kino ekinoonya ky'atuuka ne ku mpuku nabbi (SAW) ne munne mukw'anogwe Abubakar mwebaali bekwese, okutuusa Iwebaabatukirako ddala nga singa omukubo abo abaali banooanya yatunula wansi w'ebigerebye yandibadde abalaba, era wano Abubakar ennaku yamusukkako nga anakualira nabbi (SAW) (anti bagenda kumulaba bamutte) naye nabbi (SAW) bwewaymulaba nga anakuwade nnyo yamugamba nti: Abubakar olowoozaki ku bantu ababiri nga Katonda wabwe y'ewokusatu kubo amakulu nga aali nabo, abaffe abo waliwo abasobola? N'olwekyo totya mazima Katonda ali naffe, era bwebatyo

abantu abaali banoonya tebaasobola kubalaba era nabbi nemukwanogwe Abubakar baamala mu mpuku enaku satu, oluvannyuma baavaawo neboolekera e Madiina mu lugendo olwali oluwanvu enyoo ddala ate nga n'omusana mungi ddala.

Akawungeezi k'olunaku lw'okubiri baayita ku nju y'omukyala ayitibwa Ummu-Ma-Abad bwebatyo baamusaba abawe kuky'okulya n'ekyokunywa naye bambi tebaafunayo kantu konna nga talina. Mukazi wattu yalinawo embuzi nga nkovvu nnyo era nga nafu nnyo era nekyagituza ewaka obutagenda nazinnaayo kuttale kulya bwali bunafu bweyalina era embuzi eno teyalina wadde ettonde ly'amata mu kibeere kyaayo. Wabula omubaka (SAW) olw'okuba nabbi wa Allah ow'omukisa yagenda ewaali embuzi eno natandika okusiimula ekibeere kyaayo nengaloze, ekibeere kino nekitandika kulw'obuyinza bwa Allah okuzimba nekifuna amata. Bwatyo nabbi (SAW) n'omukonogwe ogwekitiibwa nagakama najjuza ekyombo ekinene eyaliwo, yayimirira omukyala ono Ummu-Ma-Abad nga awuniikiridde yewuunya ekyo kyalaba. Bwebatyo baanywa bonna amata akutuuka bwebakkuta, bweyamlala era naddamu n'akama najjuza ekyombo ekirala kino kyo

nakimulekera omukyala oyo, oluvannyuma nebagenda mu maaso n'olugendo Iwabwe.

Mukiseera kino baali nga n'abantu be Madiina balindirira era nga beesunga okutuuka kwa nabbi (SAW) era buli lunaku b'agendanga ebweru w'ekibuga Madiina nebamlindirira, era olunaku Iweyatuuuka baayolekera gyali nebamwaniriza mu sannyu elyensusso, bwatyo n'atuukira e Qubaa mu nkingirizi z'ekibuga Madiina, awonno yamalawo ennaku nnya era natandikawo omuzikiti ogumanyiddwa nga Masjidi Qubaa era nga guno gwe muzikiti ogwasooka okuzimbibwa mu busiraamu.

Ku lunaku olw'okutaano yayingira ekibuga Madiina era bangi muba Answar buli omu yagezaako nga ayagala omubaka atuuukire wuwe era bakwata omuguwa gwenjamiyaye naye nga bw'abeebaza era nga bwabagamba nti bambi mugireke ejnjamiya eyo eri kukilagiro (Allah alina weyagiragidde okutuukira) era bwetyo bweyatuuuka mu kifo Allah mweyagiragira nayo yatuula wansi naye nabbi teyagivaako oluvannyuma yaddamu n'esituka nemagamaga katono nga eringa egenda mu maaso wabula ate nedda emabega mukifo kyayo ekyasoose era neddamu n'etuula. Bwatyo omubaka

(SAW) navaako era kino nekiba nga kyekifo ewazimbibwa omuzikiti gwa nabbi (Masjid Nabawi) Bwatyo omubaka (SAW) ate ye n'atuukira ewa Abii Ayyubu Al-Aniswaar.

Ate yye Ali Bun Abi Twalibi yamala ennaku mu Makka nga akyazzaayo biteleso byebaalinga baatelesa nnabbi (SAW) nga agenda abiddiza bannannyini byo oluvannyuma ate naye yayolekera e Madiina y'egatte ku nabbi (SAW) n'amusisinkana e Qubaa.

NABBI (SAW) NGA ALI E MADINAH:

Bwatyo omubaka (SAW) yatebenkera e Madiina era n'azimba omuzikitigwe mu kifo kyennyini ensolo ye weyatuuula oluvannyuma Iw'okuligula kubannyiniryo era n'agatta wakati w'abaasenguka okuva e Makka abayitibwa ba (Muhajiruuna) ne ba (Answar) era beebo abaasangibwa nga batuuze be Madiina.

Yagatta oluganda nenkolagana ennywevu wakati wabwe, bweyalondanga omuntu omu ow'eMakka amakulu eyava e Makka, nga alonda n'omulala omu mu b'emadiina ba Aniswar n'abakwasaganya nebaba ba'Luganda. Era ono omutuuze nga b'egatta n'ono eyasenguka mu by'obugagga; amakulu amuyingiza muby'obugaga nebabanga babikozesa

bombi. Bwebatyo nebaba nga ba muhajiruuna ne ba Answar bakola bonna mu buli nsonga, ekyo nekibongera okubagatta olugatta olw'obwa Sseruganda olwannamaddala wakati waabwe.

Wabula ate n'abayudaaya be'Madiina baalina enkolagana n'abakuraishi b'eMakka. Kati baafuba nnyo okw'awula n'okuleeta obulabe wakati w'abasiraamu, era Abakurashi baali baalabula dda abasiraamu era nebalaganyisa okubamalawo oba babasanyeewo, awonno bwebutyo obuzibu n'okutya nebibeera mu basiraamu okuva wabweru ne munda, okutuuka embeera Iweyatuuuka nga omusiraamu teyebaka okujjako nga eky'okulwanyisa akirina kulusegere.

Embeera bwemala okutuuka awo mukutya okwo okungi, Allah kyeyava assa amateeka nga gakkiriza omubaka (SAW) okulwanyisa abalabe b'obusiraamu era awo omubaka n'atandika okufuna ejje ekkessi okugendanga okuketta abalabe n'okumanya kyebategeka na wwa webatuuse. Era n'ayagala okulumbagana n'okukwata ebibinja nebibinja eby'alinga bitwala eby'amaguzi byabwe okubanyigiriza n'okubalaga nti kati obusiraamu bufunye amaanyi, ate era teweerabira nti emu ku mmali n'ebiyamaguzi abakuraishi bye baalina, yali

mmali y'abasiraamu gyebaabajjako nebagibalesa E Makka nga basenguka. N'olwekyo kati nabo batandika nga okubasalako babalage nti tuli baamanyi era tusobola bulungi okwelwanako, n'olwekyo mutulekere eddembe lyaffe mu kusaasaanya eddiini yaffe eno ey'obusiraamu era n'okujiteeka mu nkola.

Wano nno, omubaka (SAW) yali akoze endagaano n'ebika bye'Madiinah eby'enjawulo ey'okukolaganira awamu, singa wabaawo alumbiddwa okuva ebweru wa Madiina.

OLUTALO LW'EBADIR OLUNENE:

Olunaku lumu, omubaka (SAW) yasalawo okulumba n'okwernjanga ekibinja ky'abasuubuzi abakuraishi abaali batwala emmaali gye baali bayisaawo nga bagisuubudde munsi ye Shami. Ba swahaba baabalumba nga bali mujje ly'abantu abasajja ebikumi bisatu mu kuminabasatu (313), nga abantu bano tebaalina byakulwanyisa bingi okujjako e Nfarasi bbiri ne njamiya nsanvu zokka, so nga ekibinja ky'abaKuraishi kyalimu ejamiya lukumi nga bitwalibwa ne Abu Sufiyan nga ali nabasajja abalala amakumi aana. Wabula Abu Sufiyan ono bwewyamanya nti abasiraamu bajja bagenda kukwata emmali yabwe, yatuma mangu e Makka n'abategeeza ekigenda mu maaso, era n'abasaba obuyambi. Yakyusa nekkubo n'akwata ekkubo eddala, abasiraamu nebatasobola kumulaba.

Wabula bbo abakuraishi baali bamaze okuyuungula ejje eryamaanyi era nga lyajja nga lirimu abalwanyi lukumi. Bwatyo Abu_Sufiyan yabatumira n'abawa amawulire nti emmaali yabwe ewonye tetwaliddwa n'olwekyo baddeyo e Makka eby'okulwana babireke naye bbo nebagaana (nga eryanyi libawaga). Era Abu Jihar yagaana okuddayo nebagenda mu maaso nga bajja okulumba. Bwatyo omubaka (SAW)

bweyamanya okulumba kwabwe, yateeseganya neba Swahaba nebakkiriziganya bona okusisinkana omulabe n'okumulwanyisa, era kumakya g'olunaku Iw'ekkumin'omusantu (17) mu (Ramadhan) omwaka ogw'okubiri okuva mukusenguka,

Byasisinkana ebibinja ebibiri nebilwanagana olulwanagana olwaali olwamaanyi era okulwana kw'agenda okuggwa nga abasiraamu bawangudde wadde nga mubo battamu abantu kkumi nabana (14) nebafa nga bajulizi. Naye ate mujje ly'abashiriku, abalwanyi nsantu (70) tebaalutonda battibwa, obuwanguzi obwawaggulu nebüdä eri obusiraamu.

Era mu biseera by'olutalo luno, Ruqayya muwala wa nabbi (SAW) eyali mukyala wa Uthuman Bun Affan mweyafiira. Uthuman kw'olwo teyagenda mu lutalo kubanga yasigala ajjanjabe mukyalawe oyo Ruqayya e Madiina nga mulwadde ate yali asabye nabbi (SAW) n'amukkiriza asigale amujjanjabe. Oluvanyuma Iw'olutalo ate era nabbi (SAW) yafumbiza Uthuman muwalawewe omulala ow'okubiri ayitibwa Umu Kuruthum, Era y'ensonga Iwaki Uthuman baamuyitanga nnyini bitangaala ebibiri (Zi-Noorain) kubanga yawasa bawala ba nabbi babiri.

Oluvannyuma lw'olutalo Iwe Badir abasiraamu badda e Madiina nga bajjudde essanyu olw'okufuna okutaasibwa kwa Allah era nga balina n'abawambe n'eminyago gyabwe. Abawambe abamu ku bbo baawayo emitango nebateebwa, mu bo ate nemubaamu abaawebwa okusomesa abaana babasiraamu buli omu abaana kkumi abasomese okusoma n'okuwandiika.

OLUTALO LW'E U-HUDI:

Olutalo luno lwagwawo wakati w'abasiraamu nabakuffaru b'eMakka oluvannyuma lw'omwaka mulamba nga olutalo Iwe Badir luwedde. Abashiriku baayagala okwesasuza abasiraamu oluvannyuma lw'okuwangulwa e Badir, bwebatyo abakuraishi nebalumba nejje lya balwanyi enkumi ssatu ate nga bbo abasiraamu baali abasajja lusanvu lwokka.

Mukusooka abasiraamu bawangulira waggulu era nemuluno olutalo bwebaabakuba abakuffaru b'eMakka nebadduka nga baddayo e Makka, naye oluvannyuma baakola akakodyo nebakomawo omulundi omulala nebanyigiriza abasiraamu nga bayita kuludda lw'olusozi abakasusi b'obusaale mu basiraamu webaali bavudde, kyokka nga nabbi (SAW) yali abalagidde okubeera awo obutavaawo,

bawangudde oba Bawanguddwa. Naye bbo (abakasusi b'obusaale) bwebaalaba nga abasiraamu bawangudde n'abakuffaru badduse wano webaagwira munsobi nebakka wansi mu kiwonvu nabo bakunjanye ku minyago. Olw'avaawo, ekibinja ky'abakuffaru ne kiwambawo, olwo ne kitandika okutirimbula abasiraamu abali mu kiwonvu. Naye olw'obuyinza bwa Allah, olutalo abasiraamu baalulinnya ku nfeete, naye nga Iwabakosa nnyo.

OLUTALO LW'OLUWONKO (HANDAQ):

Olutalo luno lw'agwawo oluvannyuma lw'olutalo lw'e U-Hudi bwebagenda abayudaaya e Makka nebakubiriza abakuffaru okujja balwanyise abasiraamu e Madiina, era nebabalaganyisa n'okubayambako mukubataasa era nabo aba kuraishi nebakkiriza n'olvayuma abayudaaya be Madiina baasendasenda ebika ebirala okubeera nga nabyo birwanyisa abasiraamu era nabyo nebikkiriza. Bwebatyo baatandika abashiriku okwekunjanya nga bolekela e Madiina nga bava mu buli kitundu okutuusa lwebawerela ddala nga omutwalo mulamba, nga bano jje ly'abalwanyi.

Nabbi (SAW) yali yamaze dda okutegeera entegeka zaabwe, bwatyo n'atuuza ba swahaba n'abasaba ebirowoozo byabwe ku nsonga eno. Swahaba ayitibwa

Salman Farisi kyava aleeta ekirowoozo nti basime oluwonko okwetoolola ekibuga Madiina kuludda olutaliiko nsozi. Abasiraamu neb'ekunjanya era nebakwatagana nebasima oluwonko okutuusa lwe lwaggwa mubwangu. So bbo abashiriku nebasigala nga ejje lyabwe liri bweru wa Madiina terisobola kuyita kuluwonko olwo okumala omwezi mulamba. N'olvanyuma Allah yasindika empewo eyamaanyi eri abakafiiri eyatikkula n'okuyuzayuza weema zabwe nebafuna okutya okwaali okwamaanyi era nebagumbulukuka bunnambiro buli omu nadda gyeyava Allah nawangula ejje eryo yekka n'ataasa abasiraamu.

OKUGGULAWO MAKKAH:

Ne mu mwaka ogw'omunaana okuva mukusenguka yasalawo omubaka (SAW) okulumba Makka n'okugiwangula. Bwatyo yasimbula nga ennaku z'omwezi kkumi mu mwezi gwa Ramadhan nga alina abalwaanyi omutwalo mulamba, nebayingira Makka ewataali kulwana kwonna bwe beewayo abakurashi nebakkiriza abasiraamu, abasiraamu nebwamba ekibuga Makka. Bwatyo omubaka n'akiwangula ku lw'okutaasa kwa Allah.

Omubaka (SAW) yayolekera ku Masjidi Haram neyetoolola Kaaba oluvannyuma n'asaala raaka bbiri nga azisaalira munda mu Kaaba, n'olvanyuma yayasayasa amasanamu gonna agaali munda newaggulu waayo, oluvanyuma nabbi (SAW) yayimirira kumulyango gwa Kaaba nga nabakuraishi bali wansi kumulyango gwa Kaaba balindiridde balabe kiki kyagenda okubakola omubaka (SAW).

Bwatyo nabbi (SAW) yababuuza nabagamba nti: abange abakuraishi mulaba mutya? Mulowooza kiki kyengenda okubakola? Nebaddamu nti tukusuubiramu bulungi bweereere muganda waffe omulungi mutabani wa muganda waffe omulungi. N'abagamba nti mugende mazima mwe musonyiyiddwa mulye butaala. Bwatyo omubaka (SAW) n'aleka ekyokulabirako ekisinga okubeera eky'awaggulu okuleka n'asonyiwa abalabe abaabonyabonya ba swahaaba be nebabanakuwaza nebatuuka n'okubasengula munsi yabwe.

Oluvannyuma Iw'okuwangula Makka, wano abantu baayingira mu ddiini ya Allah ebibinja n'ebibinja.

Mu mwaka ogw'ekkumi okuva mu kusenguka, omubaka (SAW) yakola Hijja era nga eno Hijja ey'akasiibulo (Hijatul Widaa) era yali Hijja emu yokka gyeyakola mu bulamu bwe. Abaakola naye

Hijja kwolwo, baawerera ddala abantu emitwalo kkumi. Oluvannyuma lwa Hijja eyo, omubaka (SAW) yaddayo e Madiina.

OKUSINDIKA EBIBINJA

N'OKUWANDIIKIRA BA KABAKA:

Oluvannyuma yayatiikirira ensonga ya nabbi (SAW) era da-awa ne saasanira ensi, ebibinja by'abantu nebitandika okujja e Madiina okuva mubuli bunyomero bw'ensi nga nabyo birangirira okuyingira kwabwe mibusiraamu. Nabbi (SAW) yatandika okuwandiikira bakabaka nga abakoowola okuyingira obusiraamu. Mubo mulimu abakkiriza era nebasiramuka. Era mulimu ab'amwanukula munyanukula ennungi wadde nga tebakkiriza, abamu baweerezanga n'ebirabo eri nabbi (SAW). Ate abalala baanyiga nga nebbaluwa nabbi (SAW) z'abawandiikkidde ne baziyuzaamu, nga bwewayakola Kisira Kabaka we Farisi oyo eyayuzamu ebbaluwa ya nabbi (SAW), nabbi (SAW) n'amusabira edduwa nga agamba nti: Ayi Katonda mukama wange nkusaba naawe oyuzeeyuze obwakabakabwe. Era tewaayita kaseera Allah n'abuyuzayuza, omwanawewe bwewayamwewaggulako namulumba n'amutta era natwala obwakabaka bwe.

Ye Kayiswar kabaka we Rooma, ono ye yayanukula ebbaluwa olwanukula olulungi, era n'awa n'omubaka wa nabbi (SAW) gweyatuma gyali ebirabo.

Ate yye Muqauqisi kabaka W'emisiri ye teyasiramuka naye yawa ekitiibwa omubaka wa nabbi (SAW) gwe yali asindise era n'amuwa ebirabo abitwalire nabbi (SAW).

OKUFA KWA NABBI SAW:

Nga wayise ebbanga nga lya myezi ebiri n'ekitundu nga nabbi (SAW) avudde mu Hijja, obulwadde bwatandika okumuluma, era buli lunaku nga bweyongera, okutuusa olunaku lumu bweyalemererwa n'okukulembera abantu mu sswala, n'alagira Abubakar abasaaze.

Wabula ku lunaku olwa Balaza nga kkumi nabbiri (12) mu mwezi gwa Rabi-Al-Awal mu mwaka ogwe kkumi n'ogumu okuva mu kusenguka, bwatyo yajjulukuka omubaka (SAW) n'ayolekera eri omutonziwe Allah. Weyafiira, yali awezezza emyaka nkaaga mw'esatu.

Amawulire g'okufaakwe bwe gatuuka ku baswahaba, katono nabo bazirike. Era abamu tebaagakakasa okutuusa Abubakar bweyajja n'ababuulirira n'abagumya n'abagamba nti: "*Mazima nabbi (SAW) mukimanye nti muntu nga abantu abalala, era afa nga abalala bwebafa*",

Bwebatyo abantu badda munteeko era nebatandika okutegeka okuziikibwa kw'omubaka (SAW). Yanaazibwa omubaka (SAW) n'azingibwa mu ssanda era n'aziikibwa mukisenge kya mukyalawe Aisha (Allah asiime kuye). Yawangaalira omubaka (SAW) mu Makka emyaka amakumi aana (40) nga tannatumwa, n'emyaka kkumi n'esatu nga amaze okutumibwa ate emyaka ekkumi egisigadde gyonna yagiwangaalira Madiina oluvannyuma lw'okutumwa.

Oluvannyuma lw'okufa kwa nabbi (SAW) abasiraamu bakkanya okulonda Abubakar akulembere obusiraamu n'abeera Khalifah eyasooka.

EKIKULA KYA NABBI (SAW) :

Atendebwa nabbi (SAW) engeri gyejali yakulamu, yali musajja wa kitema (tejali muwanvu nnyo ate era tejali mumpi) era nga mugazi wakati webibegabegabye nga ebiyungobye byenkanankana era nga mulungi asinga obulungi, mukyenzi nga mweru obweru obwegasseemu obumyufu, alina ekyenyi ekyekulungirivu, alina amaaso amalungi, enyindo ennungi, emimwa emirungi n'ekirevu ekisaakativu.

Yalinga avaamu akawoowo akalungi, engaloze bw'ozikwatamu ziweera era zigonda era nga bw'amwogerako Anasi Bun Maliki yagamba nti siwunyirizangako kawoowo kalungi konna okwenkana aka nabbi (SAW) era sikwatangako mungalo z'amuntu yenna nga mpeweetu zigonda nga eza nabbi (SAW), era yalinga ekyenyikye kyanjulukufu buli kiseera era nga kiriko akamwenyumwenyu, nga alina eddoboozi eddungi ate nga ebigambobye bitono.

Anasi Bun Malik yamwogerako n'agamba nti: Nabbi (SAW) yeeyali asinga abantu bona obunyiikivu mu buli nsonga era yeeyali abasinga obuzira.

MU MPISA ZA NABBI (SAW):

Nabbi (SAW) nga bulijjo yali musajja muzira nnyo okusinga abalala bona, nga bw'agamba Ali Bun Abi Twalib nti embeera bweyatusukkangako mu kunyigirizibwa, abamu kuffe netusisinkana banaffe twenywerezanga ku nabbi (SAW). Yali nga omugumya asinga abalala, era teyabuuzibwako ku kintu kyonna nagamba nti nedda wabula yali omusajja asinga abalala mubukkakkamu era yalinga teyeesasuza muntu yenna kululwe era nga tasunguwala kululwe okujjako bino yabikolanga kulwa

Allah eri oyo yenna eyalinga y'ebagadde ebyo Allah byeyaziyiza, olwonna nabeera nga ye sasuzza lwa Allah.

Yali nga mwenkanya nga teyekubiira k'obe wa luganda lwe oba nedda, nga asala mazima. Era yakkaatiriza nga nti tewali asinga era ow'enkizo ku munne okujjako oyo asinga okutya Katonda, era nga atulaga nti abantu bonna benkanankana, era ensonga Allah kweyasinziira okuzikiriza emirembe egyasooka balinga nga singa aba abbye mubo ow'ekitiibwa bamuleka nagenda, ate bw'aba omunafu oyo yye bamuwa ekibonerezo kyeyava agamba (SAW) nti mazima mbalayirira Allah nebw'anaaba Fatuma muwala wa Muhammadi (muwala wange nze kennyini) njakumutemako omukono (nga bwenkola abalala singa babbye).

Era tabangako nabbi (SAW) nga y'elonda kuby'okulya wadde akatono, bweyamusanyusanga yalyanga bwekitaamusanyusanga nga akileka, era waayitangawo eri abantu b'enjuye ewuwe emyezi ne myezi nga munjuye temwaseemu muliro (amakulu nga temufumbiddwa kintu kyonna) nga basiibirira nebasulirira amazzi n'entende, era n'oluusi nga amanyi okusiba ejjinja oba amayinja abiri kulubuto olw'enjala.

Yelongosezanga engattoze era n'alongoosanga engoyeze olumu era nga ayamba kubakyalabe kumirimo gy'awaka.

Yalinga alambula abalwadde n'ebirala era yali omuntu asinga okubeera omwewombeefu era nga ayanukula oyo yenna abeera amuyise abeere mugagga oba mwavu, abeere owa wansi oba ow'ekitiibwa nga tayawula era nga ayagala nnyo abanaku era nga abalambula mubulwadde era n'abawelekera nga bafudde (yabaziikanga) era nga tanyooma mwavu lwa bwavu bwe era nga tayagala nakulumiriza.

Yeebagalanga ekyo kyonna kyaba afunye nga kwatambulira, bwafuna enfaraasi nga agendera kweyo, bwafuna enjamiya nga agendera kweyo ne ndogoyi bwatyo.

Yali asinga abantu okubeera nga amwenya era abasinga okubeera omusanyufu ewamu n'okubeera nga yafunanga ebintu bingi ebimunakuwaza olw'ebizibu ebyenjawulo ebyamutuukangako. Yali nga ayagala nnyo obuwoowo era nga atamwa nnyo olusu olubi, bwatyo Allah yamukunganyizaako obujjuvu bw'empisa n'obulungi bw'ebikolwa era Allah n'amuwa okumanya kwataawa muntu yenna mub'asooka n'aboluvannyuma wabula nga yali

tamanyi kusoma wadde okuwandiika era ataayigirizibwa muntu mu bantu. Yajja ne Qur'an okuva eri Allah nga Allah bwagyogerako n'agamba mu Surat Israai aya 88 nti:

﴿ قُلْ لَئِنِ اجْتَمَعَتِ الْإِنْسُ وَالْجِنُّ عَلَى أَنْ يَأْتُوا بِمِثْلِ هَذَا الْقُرْآنَ لَا يَأْتُونَ بِمِثْلِهِ وَلَوْ كَانَ بَعْضُهُمْ لِيَعْضِ ظَاهِرًا ﴾ [الإسراء: ٨٨]

"Bagambe nti singa muba mwekunjanyizza mwenna amajinni n'abantu okubeera nga muleetayo ekitabo ekifanana nga Qura'n eno, temuyinza kukireeta kamubeere nga mwenna abamu kubannamwe tuyambaganye kwekyo". So nga bwatyo Allah yamukuza nga tasomye era nga tawandiika kino kyajjirawo ddala ekkubo eri abo abamulimbisa okwekwasa nti nedda yawandiika Qur'an oba yagisoma nagyeyigiriza nga ajijja mubitabo by'abasooka.

EBY'AMAGERO BYE (SAW):

Muby'amagero byeyalina era byeyajja nabyo (SAW) era ekibisinga byonna kyeky'amagero kya **Qur'an** eno eyekitiibwa. Tewali kigyenkana ate era tekibangawo ate era tekiribaawo so nga yyo ky'amagero ekigenda okubeerawo okutuusa Allah

Iwali zingako ensi eno. kyamagero ekyalemesa abakenkufu mululimi era abakenkufu mukunyonnyola, bona Allah naabalemesa n'okubasabayo baleeteyo wakiri esuula kkumi ezigifaanana oba baleete essura eemu okutuusa wakiri aya emu yokka era abasajja bano abashiriku baalabako kuby'amagero bye (SAW).

Mubyamagero byeyalina gamba nga olunaku lumu abashiriku bwebaamusaba alageyo akabonero kamu akalaga nti ddala mubaka wa katonda era nebakamulondera kebaagala nga ke'kokwebejjulamu kw'omwezi. Bwatyo Allah nakituukiriza omwezi n'agubejjulamu ebintundu bibiri.

N'akalala emirundi egiwera yateekanga engaloze mukyombo ekirimu amazzi nga matono negatandika okufukumuka nga gayita mungaloze okutuusa ekyombo Iwekyajjalanga.

N'akaggo okutendereza Allah nga kali mukibatu kye n'akassa mukya Abubakar era nekatendereza nemukya Umar ne Uthuman naye nekiba bwekityo.

Era baalinga bawulira okutendereza kw'emmere ewuwe nga alya era lumu ejjinja nelimutoolera salaam n'omuti nagwo negukola kyekimu era

akakono kennyama yensolo nekoogera bwebakamuwa nga kalimu obutwa omukyala omuyudaaya keyamutonera namusaba amulageyo akabonero akalaga nti nabbi, n'lagira omuti neguva wegwali negujja weyali ate oluvannyuma n'agulagira neguddayo mukifo kyagwo.

Lumu yasiimuula mukibeere kyembuzi eyali ennafu, enkovvu ennyo etaalimu wadde ettondo ly'amata naye, bweyagisiimuulamu ne ngaloze ez'ekitiibwa, ekibeere kyazimba era nekifuna amata nekijjula bwatyo n'akama amata ago nanywa ne Abubakar ne bannanyini mbuzi n'okubalekera nabalekera.

Lumu yawanda obulusu mu maaso ga Ali Bun Abi Twalib agaali amalwadde negawonerawo mu kaseera ako.

Omusajja muba swahaba yafuna obulwadde n'amusiimulako nawona.

Yasabila nga abantu edduwa nazo nez'anukulwa nga bweyasabira Anasi Bun Malik Allah amuwe obuwangaazi obuwantu, era amuwe emmaali nnyingi n'abaana era Allah abimuteeremu emikisa, bwatyo Anasi n'azaala abaana kikumi mu abiri (120) era zaalinga entendeze akungula mu mwaka emirundi ebiri So nga ekimanyiddwa nti entende

zikungulwa omulundi gumu mu mwaka. Era Anasi ono yawangaala emyaka kikumi mwabiri.

Era lumu omu kuba Swahaba yeemulugunya gyali obungi bw'omusana nga ali ku mimbali bwatyo n'awanika emikono gye egyekitiibwa n'asaba edduwa awo wennyini ebire kuggulu n'ebitandika okukungana neliduumma eggulu enkuba n'ettonya ate nga yamaanyi nga tesalako okutuuka ku Juma eyaddako, ate ku Juma eyaddako n'omusajja omulala naye neyemulugunya obungi bwenkuba era bwatyo omubaka (SAW) nawanika emikono n'asaba Allah enkuba erekele awo era nekya, abantu nebafuluma omuzikiti okuva mu Juma ng'omusana gwaka.

Era lumu nga basima oluwonko yaliisa abantu ekyokulya ekyali ekitono ennyo bona nebakkuta so nga baali munkumi wabula b'avaawo nga bona bakkuse ate nga n'emmere telina kyekendeddeko.

Olulala kubantu abo benyini abaali basima oluwonko, yabaliisa entende entono ennyo zeyaleeta muwala wa Bashiri Bun Sa-ad nga aziletedde kitaawe ne taatawe omuto.

Yaliisa ejje emmere omulundi omulala nebalya nebanya ne Abi Huraira okutuusa lwebakkuta.

Lumu naafuluma nayita kubasajja kikumi abakuraishi abaali bamulindiridde okumutta n'asiiga nemubyenyi byabwe ettaka nagenda nebatamulabako.

Lumu omusajja ayitibwa Suraqa Bun Malik yamugoberera nga ayagala okumutta naye bwaba amuseemberera okumpi, n'amusabira edduwa e Farasi y'omusajja oyo ebigere byayo nebiyingira mu ttaka nebyezika.

**EBYAJJA BIBAAWO
N'EBYOKUYIGA EBIBILIMU
MUBYAAFAAYO BYE (SAW).**

OKUSAAGAKWE

Yali nga nabbi (SAW) nga asaaga neba Swahaba be kyokka nga ne mukusaaga okwo, yayogera nga mazima meerere (nga tasaaga bya kulimba). Yali nga azannyako ne bakyalabe era nga afaayo nnyo kubaana abato era nga abafunirayo akaseera era nga akolagana nabo okusinziira kwekyo kyebategeera era kyebasobola. Yali nga asaaga n'omuwelezaawe Anasi Bun Malik oluusi yamugambanga nti: owange gwe nannyini matu.

Era Nabbi (SAW) yali nga abeera amwenya era nga musanyufu mubwenyi bwa ba Swahababe era nga tebamuwulilamu okujjako ebigambo ebirungi ebyereere nga bwagamba Jariiri nti teyandagako kukyenyi kibi nabbi (SAW) okuva Iwenasiramuka era tewali Iweyandabako okujjako nga abeera amwenya, lumu n'emulugunya gyali olwokuba nti nalinga sinywera kukkalira kunsolo kyava akuba omukono gwe mukifuba kyange n'asaba nga agamba nti Ayi Katonda mukama wange munyweze ku nsoloye era omufuule omuluunjamu

alunjnamirwako (omulunjjamu era alunjjamya) agamba Jariiri nti saddayo kugwa oluvannyuma lwedduwa eyo nga nva ku Nfaraasi yange.

Era nga bweyalinga asaaga n'aberjnjandaze, Lumu yajja ew'amuwalawe Fatuma munjuye n'atasangawo bba wa Fatuma Ali, kyava amubuuza nti ali luddawa? N'amuddamu nti waliwo embeera y'obutakkaanya eguddewo wakati wange naye ky'avudde afuluma nga annyigide, bwatyo nabbi (SAW) n'agenda gyali namusanga mu muzikiti nga agalamidde naye nga esuukaye emuvuddeko n'egendako ettaka, bwatyo nabbi (SAW) n'abeera nga alijjako alisangulako nga bwamugamba nti zuukuka (Abu Turabi) owange gwe taata w'ettaka.

ENKOLAGANAYE N'ABATO:

Omubaka (SAW) mu mpisaze ez'awaggulu, abaana abato yalinga abawa obudde n'ekitiibwa ebimala era yalinga asindana ne bakyalabe mu kudduka naddala Aisha era nga akkiriza okuzannyakwe ne banne. Nga Aisha bwagamba nti nalinga nzannya ne bannange abawala nga ndi wa Nnabbi (SAW) naye bwennabanga nzannya nabo n'ayingira twamwekwekanga kati nga nnabbi amala n'abasindika gyendi nenzannya nabo.

Era nga bweyalinga afaayo kubaana abato nga azannya nabo era abakwata mpola.

Agamba Abdallah Bun Shadadi nti nga agijja ku taatawe, agamba nti: yafuluma gyetuli omubaka (SAW) kwemu ku swala ya Ishai nga asitudde Hasan oba Hussein n'akulembera omubaka wa Allah (SAW) n'ateeka omwana wansi n'aleta Takibiir nayingira mu sswala n'asaala. Bweyavunnamma wansi oluvunnamma n'aluwanvuyiza ddala, agamba taata wange nti nensitula omutwe nagenda okulaba nga omwana ali kumugongo gwa nabbi (SAW) nga nabbi avunamye nange nenzizayo omutwe mukuvunnamma, naye omubaka wa Allah bwe yamala esswala, baamugamba abantu nti owange omubaka wa Allah mazima ovunnamye oluvunnamma lw'owanvuyizza netulowooza nti waliwo ekibadde kituuseewo? Nti oba waliwo obubaka obukusseeko? Kyava agamba ebyo byonna tewali kituuseewo naye omwana wange aneelipyе kumugongo nesaagala kumupapya paka amalirize ekyetaago kye era agamba Anasi nti:

Agamba Anasi Bun Malik nti: "Yali nga nabbi (SAW) y'asinga abantu bona empisa era yalinga agamba muganda wange omuto nti owange taata wa Umair aliwa, agambaki (Nugiir) ne Nugiir kyali kinyonyi

ng'omwana oyo akizanyisa, era nga kino kikwatagana embeera eziba zisaana omwana ng'oyo omuto.

ENKOLAGANAYE N'ABANTUBE:

Wabula yo enkolaganaaye n'abantu be yo yakuŋjaaniramu empisaze zona ennungi, kuba okusookera ddala yali musajja mukkakkamu nnyo era nga muwombeefu era nga bulijjo abeera mukumalira bantu be ebyetaago byabwe era nga omukyala amuwa ekifookye ng'omuntu era atekwa okuyisibwa obulungi era kyekimu ne maama w'omukyala nemuwalawe.

Ky'ova olaba lumu baamubuuza nti owange omubaka wa Allah muntu ki asaanidde okwagalwa ennyo okusinga abalala? Naddamu nti maamawo, nebamubuuza nti oluvanyuma ani addako? naddamu nti era maamawo, nebamubuuza nti oluvanyuma ani addako? n'agamba nti maamawo, oluvannyuma lw'omulundi ogw'okusatu n'abagamba nti taatawo.

Yagamba nti omuntu yenna asangwawo bakadde be bombi oba omu kubo n'atabayisa bulungi n'afa nayingira omuliro Allah amusembeza wala.

Era yalinga (SAW) omukyala mu bakyalabe bwanywera kukyombo oluvannyuma akikwata n'ateeka omumwagwe wali wennyini mukyalawe wanyweredde naye nanya. Era yalinga agamba "*Abasinga obulungi mu mwe y'oyo abasinga okuyisa obulungi abantube, nange nze mbasinga obulungi okuyisa abantu bange*".

OKUSAASIRAKWE (SAW):

Ate kyo ekitendo ky'obusaasizi yagamba ye kennyini mu Hadith nti:

قال ﷺ: «الراحرون يرحمهم الرحمن، ارحموا من في الأرض
يرحّمكم من في السماء»

"Abaasasira nabo Allah Omusaasizi abasaasira, kale musaasire ebyo ebiri kunsi nammwe ajja kubasaasira oyo ali waggulu.

Nabbi waffe ow'ekitiibwa alina omugabo munene nnyo mu mpisa eyo ey'amaanyi, era kino kuyye kyeyolekera mu bifo bingi nebyeyayitamu eri abato n'abakulu n'eri abo abamuli okumpi n'abewala. Era nga n'ekimu ku biraga obusaasizibwe n'okulumirirwa kwe, yensonga Iwaki yakendeezanga ku sswala

bweyawuliranga omwana omuto nga akaaba natagiwanvuya, era nga bwagamba mu Hadith nti:

Agamba SAW nti: "*Mazima nze nyimirizaawo oba nyiningira mu sswala nga njagala njiwanvuye naye nempulira okukaaba kw'omwana omuto nenjikendeeza olw'okutamwa okukaluubiriza maamawe*"

Era ekiraga okusaasirakwe eri Umah ye n'okukola kawefube okulaba ngeyingirwamu eddiini ya Allah eya mazima, lumu omulenzi omuyudaaya eyaliko omuweeleza wa nabbi (SAW) yalwala, nabbi (SAW) kyava agenda amulambule, kyeyava atuula emitwetwe w'obuliribwe namugamba nti silamuka. Omulenzi kyava atunula ku kitaawe, kitaawe namugamba nti mugondere Abu-Qasiim omulenzi nasiramuka era oluvannyuma teyamalawo kiseera kinene n'afa, bwatyo nafuluma nabbi (SAW) nga bwagamba nti "*Atenderezebwe Allah amujje mu muliro*" – amakulu amutaasizza omuliro.

Obuguminkirizabwe (SAW):

Bwetutandika okwogera ku bugumikiriza bwa nabbi (SAW) obulamubwe bwonna bwajjula buguminkiriza nokkubiriza banne okugumiikiriza, n'okukola kawefube nakukoza balala kawefube teyerekako

yye omubaka (SAW) kaseera konna nga tali mu kuguminkiriza nakuguminkirizisa n'okukola emirimo egiddirinjana okuva Iweyakkibwako aya eyasooka okutuusiza ddala kukaseera akasembayo mu bulamu bwe, era yategeera omubaka (SAW) ebyo byajja okusanga okusinziira kumbeera nebyo Allah byeyamunyonyola nga amunyweza mu kiseera ekyasooka nga atumibwa oluvannyuma lw'okusisinkana ne malayika bweyagenda naye Khadijah ewa Waraqatu Bun Naufal n'amugamba Warqa nti nga zinsanze singa mbadde mulamu nga nkyawangaalayo ekiseera nentuuka era nendaba embeera bweriba webalikufulumiza abantubo munsiyo. N'amubuuza omubaka (SAW) nti bagenda ku nfullumya? Naddamu nti yye kubanga tajja nga musajja yenna nebyo byozze nabyo okujjako ayigganyizibwa.

Bwatyo omubaka namanyiza omutimagwe okuvaku ntandikwa okugumira ebizibu n'okunakuwazibwa n'okwekobera abalabe, era ne mukifo ekirala ekiraga obugumiikirizabwe (SAW) y'engeri gyeyenjangamu okunyizibwa ku mubiri gwe nga kuva mabantu be n'abernjandaze nga akyali Makka nga atuukiriza obubaka bwa mukamaawe Allah, nga bwekyajja mu hadiith eyawandiikibwa Imaam Bukhari nti:

Agamba nti "Mazima Uruwat Bun Zubair yabuuza Abdallah Bun Amuru Bunl Aaswi kyeyasinga okulabanga kyamaanyi abashiriku kyebaakola nabbi (SAW) nagamba nti: lumu nabbi (SAW) yali mu kisenge kya Kaaba nga asaala, najja Uquba Bun Abi Mu-Etwi, n'ateeka olugoye lwe mu nsingo ya nabbi (SAW) n'amutuga nalwo olutuga olwamaanyi, Abubakar kyava aaja okutuusa Iweyakwata ebibegabegabye (amakulu ebya Uquba) n'amusika namujja ku nabbi (SAW) n'agamba mwagala kutta musajja olw'okukkiriza nti omulezi wange ye Allah"?

Era n'olulala lumu omubaka (SAW) yali asaala ku Kaaba nga Abu _Jahar ne banne bali awo batudde banyumya, kyebaava abamu bagamba banabwe nti ani bannange ayinza okuleeta ebyenda byenjamiya mu baana ba gundi nembiteeka ku mugongo gwa Muhammad nga avvunamye bwatyo nagenda eyali abasinga obujega.

Yagireeta enda yengamiya n'agiteeka ku mugongo gwa nabbi (SAW) wakati w'ebibegabegabye, nebatandika okuseka era abamu nga bwebakyuka eri bannabwe (olwesanyu eringi) nga nabbi (SAW) avunamye tavaawo tasitula mutwegwe okutuusa muwalawe Fatuma Iweyajja namujjako ebinakuwaza ebyo.

Wabula nekisinga ekyo kwekwali okunyizibwa kw'okunakuwazibwa mu mutima bweb'agaana okukowoolakwe nebamulimbisa era nebamukonjera nti mulaguzi era muyimbi omulogo era nebenyumiriza nti ebyo byonna byeyajja nabyo ngero z'abaasoka.

Era nga bwewyagamba Abu Jahar lumu nga akwenyakwenya yagamba nti: Ayi Katonda bwebiba ebyo Muhammad by'asomesa nga gemazima kale tusuuleko amayinja okuva muggulu oba otuleetere ebibonerezo ebiruma.

Ne taatawe omuto Abu-lahabi yamuwondera buli weyagendanga nga wakuñjaniddewo abantu abere nga abakowoola okudda eeri obusiramu naddala mu butale bwabwe, nga atandika okumulimbisa era nga abagaana okumukakasa by'abagamba. So nga ate yye mukyala wa Abu-Lahab Umu Jamila yakola nga gwakukunyanya nku namagwa nga bwabiteeka mu kubo Nabbi (SAW) weyayitanga.

Okwo kwonna okunyizibwa kwaliwo naye ate newajja okwasukka okunyizibwa kuno okwatwalila ddala emyaka esatu nga nabbi (SAW) abonyabonyezebwa neba swahaababe webaabooolebwa (boy-coat) nebateebwa mu luwonvu oluyitibwa *Sheibu Abitwalib* okutuusa

Iwebaatuuka okulya ebikoola by'emitii olwenjala enyingi, ate ennaku neyeyongela bwewayafirwa kitaawe omuto eyali amubeererawo mubimu nga amulwanirira nga ate era okufa kwa taata we omuto kw'amwongera ennaku okubeela nga yafa mukaafiiri (tasiramuse) Ate era aba akyali awo n'afuna, okunakuwala okulala kw'ekufa kw'omwagalwawe Khadijah era eyali amugumya nga amuyamba mu nsonga nyingi. Teyakoma awo mukunakuwazibwa naye kwaddako okumugoba nawarjanjangusibwa nafulumizibwa munsi ye mwewyazaalibwa oluvannyuma Iwokumwegezaamu okumutta emirundi egiwela bambi n'asalawo n'asengukira e Madiina.

Bwatyo bwatuuka e Madiina olwo ate yatandika entanda empya eyokugumikiriza n'okwewaayo ennyo n'okwetegekula mukuyita mubizibu kuba byamweyolekera n'alumwa enjala natuuka n'okusiba amayinja ku lubuto olw'enjala; era nga bwagamba Anasi nti:

قال ﷺ : ((قد أخفتُ في الله وما يخاف أحد ، ولقد أؤذيتُ في الله وما يؤذى أحد ، ولقد أتت عليَّ ثلاثة من بين يوم وليلة ، ومالي ولبلال طعامٌ يأكله ذو كبد ، إلا شيءٌ يواريه إبط بلال))

Agamba (saw); "*Mazima natiisibwa kulwa Allah mu kiseera nga teri muntu mulala yenna atiisibwa, nenkosebwa mu kiseera nga tewali mulalaa gwebakosa, ennaku nga makumi asatu n'ebiro byazo ziyyitawo nga ssirinaawo kaliibwa mulamu yenna, okujjako nga nfunawo kantu katono nnyo akasobola n'okubikkibwa mu nkwaya za Bialal*"

Omubaka yakakkanyizibwa ekitiibwakye era n'afuna okunyiizibwa n'okunakuwazibwa okuva mu bannanfusi n'abaali ababuyabuya mu bannamalungu, era nga bwekyajja mu hadith ya Bukhari egamba nti:

Agamba Abdallah bun Masu-udi nti: "*Yagabanya nabbi (SAW) emigabo egyptiawulo, omusajja omu muba Answar n'agamba nti: ndayira katonda kuno okugabanya muhammad takunonyezzamu kusanyusa Allah. Ibun Masu-ud yagamba nti: nejjenda eri omubaka wa Allah (SAW) nemmubuulira omusajja ky'ayogedde. Nabbi (SAW) ekyenyikye nekisiba emitaafu n'anyiiga, n'agamba nti Allah asaasire Musa, yanyizibwa okusinga awo wabula n'agumikiriza.*

Era nemukifo ekirala mweyalagira obugumikiriza omubaka (SAW), zennaku z'okufirwa abaana be ezenjawulo kuba yayina abaana musanvu naye

baddinjana okufa kwabwe omu kw'omu okutuusa lweyasigazaawo omu yekka Fatwimah. Mu mbeera eno teyanafuwa era teyayogera bitasaana wabula yagumiikiriza oluguminkiriza olulungi. Nga bwekimujjibwako nti bwneyafirwa omwaanawe Ibrahim yagamba nti:

Yagamba nti: "*Mazima amaaso gakulukusa amaziga omuntu nga afiriidwa n'omutima negunakuwala naye tetwogera okujjako ebyo ebisanyusa Allah waffe mazima okutwawukanakookwo Ibrahim kutunakuwazza*".

Obugumiikirizabwe omubaka (SAW) tebwakoma mu binyiizo nakugezesewa, ekyo Allah yakimulagiramu kubanga yakolanga kaweefube mukusinza Katonda we n'okumugondera okutuuka n'ebigere bye bwebyazimbanga mu buyitirivu n'obuwanvu bw' okuyimirira ekiro, era nga ayitiriza nnyo okusiiba n'okujjukira Allah, n'endala mu Ibaada. Nabbi SAW bwneyabuuzibwa kukaweefube oyo yenna, "*yagamba temwagala mbeere omuddu eyebaza?*"

Okwerekerezakwe (SAW).

Nabbi (SAW) Yali nga y'asinga abantu okwerekereza edduniya eno era abasinga okugyagala ekitono nga mumativu muvo n'okusaasaanya eddini era nga mumativu muvo okubeera mu bulamu obw'abulijjo ewamu n'okubeera nga edduniya yamuli mumaaso era nga ye kitonde ekisinga okuba ekyekitiibwa eri Allah. Singa yayagala, Allah yandimuwadde eby'obugagga by'ayagala n'ebiyengera.

Yagamba Imaam Ibun Kathir mu Tafusiir ye nga ajja ku Khaithama nti yagambibwa nabbi (SAW) nga Allah yamugamba nti: "*Bwoba oyagala tukuwe amawanika g'ensi ne bisumuluzo byago ago getutaawa nabbi yenna olubereberye lwo era getutagenda kuwa muntu mulala yenna era ekyo tekigenda kukendeza kw'ebyo byoyina eri Allah. N'agamba nabbi (SAW) nti: byonna mubinkunnyaanyize (ku Akhira) ku nkocomelero*".

Ate bwo obulamubwe (SAW) nokuwangalakwe byali byewunyo mubyewunyisa.

Agamba Abu Zarri nti: "*Nali ntambula ne Nabbi swalla Llahu Alaihi wasallama mu nkingizzi z'ekibuga Madiina olusozi lw'e Uhud ne lutwolekera. N'angamba nti owange Abu Zarri! Ne ngamba nti wangi? N'angamba nti: Nze tekinsanyusa okuba nga*

nina zaabu eyenkana olusozi lwa Uhud ne mpitibwako ennaku ssatu ne mba nga nkyalinawo yadde dinar, okujjako nga nnina bbanja lyennina okusasula nga lyenterekedde, (wekiba ssi ekyo) mba njjenda kuzigaba mu baddu ba Allah bwenti bwenti bwenti, (n'asonga) ku ddyowe, ku kkonowe n'emabegawe... ". 'Swahiih Al Bukhaar'.

Yagambanga era (SAW) nti: "siri nze mu dduniya muno okujjako nfanana ng'omutambuze ey'ebagadde, eyewogomako wansi w'omuti mukisiikirize oluvannyuma nagenda n'agulekawo".

Eby'okulya n'okwambalakwe (SAW)

Ate bwetugenda ku by'okulyabye engeri gyeyawangalamu nabyo, mazima nayo yali mbeera etali yabulijjo, kubanga wayita nga omwezi oba emyezi nga mukiyungukye temwasemu muliro wabula nga bawangalira kubiddugavu ebibiri (entende n'amazzi) era olumu nga lujja olunaku nga teli kyakulya kyonna kyayinza kuteeka mu lubuto (SAW) ate nga enjala emuluma so nga emigati gye egisinga gyakolebwanga munjano. Era kimwogerwako nti teyalyanga wuwe mugaati ogwo ogwali ogwebbeyi.

Era agamba Anasi bun Malik nti tebyegatta ngako gyali wuwe nebalya eky'emisana n'ekyeggulo mumigaati nenyama okujjako nga waaliwo abagenyi abamukyalidde.

Ate era embeeraye muby'okwambala era nabyo tebyawukana nansonga esoose, kuba ba swahababe bamujulira nti nabbi (SAW) teyekaluubiriza nga muby'okwambala. Yali nga yerekelleza wadde nga yalinga asobola okufuna ebyambalo ebisinga okubeera ebyebbeyi ate nga birungi ddala. Agamba omu mu baswahaba nga annyonyola byambalo bye yagamba nti:

Lumu nagenda eeri Omubaka wa Allah (swalla Llahu alaihi wasallama) njogeremu naye ku buzibu bwetwali twafuna nga tannatumwa, ne tumusanga aga atudde nga alina ekikungo ky'abantu abamwebunguludde nga ayogera nabo, nga ayambadde olugoye olwa kotoni omukakakanyavu (kakki)".

Ate Swahaba Abu Dharri (Allah amusiime) yagamba nti: *Aisha yatufulumiza (okuva mu nju) olugoye nga lubikiddwa ebiraka n'olugoye olulala nga lugumu, n'agamba nti: 'Omubaka wa Allah yafiira mu ngoye zino ebbiri'*. 'Sunan Al Tirmidhiy'.

Ate yagamba Anas bun Maalik (Allah amusiime) nti: *Nali ntambula ne Nabbi swalla Llahu alaihi wasallama nga aliko olugoye Iw'e Najraani (kitundu mu Yemen) nga lugumu ku bijwenge*'. Soma 'Swahiih Al Bukhaar'

Ate Amru bun Haarith (Allah amusiime) mukoddomi w'Omubaka wa Allah swalla Llahu alaihi wasallama mwannyina wa Joweriya muwala wa Haarith yagamba nti: "Omubaka wa Allah swalla Llahu alaihi wasallama weyafiira teyaleka yadde dirham, yadde dinar, yadde omuweereza omusajja yadde omukazi yadde ekintu kyonna, okujako ensolo ye enjeru,

*n'ekyokulwanyisa kye mpozzi n'ettaka lye lye
yassaayo nga saddaaka".*

Agamba Aisha nti nabbi (SAW) yaffa nga munju muno temuliimu kintu kyonna kiriibwa kyasuubira kulya oyo yenna alina ekibumba... omuyuddaya kuba yali amwewozeeko engano.

Obwenkany'aabwe (SAW)

Ate bwo obwenkanya omubaka (SAW) yali musajja mwenkanya nnyo mu nkolaganaye ne Allah era nga mwenkanya mu nkolaganaye kuye kenyini era nga mwenkyanya munkolaganaye n'abalala abamuli okumpi n'abamuli ewala era n'eri bbane oba mikwanogye, n'eri oyo akkaanya naye, nooyo atakkanya naye okutuuka ne ku mulabe yennyini nga naye afuna ekimusandde n'aba nga naye afunye omugabo mubwenkanyabwe (SAW).

Era mubiraga obw'enkanyabwe (SAW); nga bamulumbagana abantu era nebamuyingirira mu ddemberye naye era ekyo yye tekyamujjanga kubwenkanya, era obwenkanya yabanga nabwo mu mbeeraaye ewaka n'okutambulakwe, era nga atamwa okusukkulunya wakati w'abaswahababe, naye nga ayagala nnyo okwenkanya wakati

waabwe, nemukwettika obuvunanyizibwa n'obuzito nga gyebali kyekimu ate nga naye kenyini mwali.

Agamba Ibun Masu-ud nti:

Agamba Abdallah ibun Masu-ud nti: "Ku lunaku okwali olutalo Iwe Badiri, twali nga abantu basatu ku ɣamiya emu, Ali ne Abu Lubaabah baali mikwano gya Nabbi swalla Llahu alaihi wasallama, naye oluwalo Iwe bwe Iwatuukanga nga tumugamba nti, kati linnya ffe tutambule, naye nga atugamba nti: Ssi mmwe munsinga amaanyi naye ssinze mbasinga okwetaaga empeera okubasingako". Yayogerwa Imam Al Haakim.

Hadith nga eva ku Swahaba Usaid bun Hudhair Allah amusiime nga yali musajja eyali asaagisa ennyo abantu nobbasanyusa, naye Nnabbi swalla Llahu alaihi wasallama lumu akati keyali akutte kaafuna Usaid, era Usaid kwekumugamba nti bambi onfumise akati owange gwe omubaka wa Allah, kati nabwekityo nange nzikiriza nkufumite nga bw'onfumise, nabbi n'amugamba nneesasuza tewali buzibu, Usaidu n'amugamba gwe kati oyambadde ate nze onfumise ssambadde, nabbi najjayo bulunji olugoye, wabula Usaidu yamunywegera bunywegezi ku mubirigwe era n'amuwambaatira oluvanniyuma

n'agamaba; kino kyembadde njagala kyokka owange gwe omubaka wa katonda".

Era yalinga tasiima kujjavo nsalo za Allah ezo zeyassaawo olw'okuyimirizawo obwenkanya wakati w'abantu nga k'abeere nga aziguddemu muntuwe ow'oluganda lwe olw'okumpi nga era bwekyajja ku mukyala ow'ekika ky'aba Makh_zuumia eyabba n'alamulwa atemebweko omukono, Usaamah bweyagezako okumuwolerezza yayogera ekigambo ekyatiikirivu nti;

Yagamba nti: "*Abange mmwe abantu mukimanye nti mazima baazikirira abo abaabasooka kuba bbo baalinga bweyabba nga mubo omuntu ow'ekitiibwa baamulekanga naye bweyabbanga omunafu mubo, oyo baamutuuusangako (haddi) ekibonerezo, Mazima mbalayilira Allah neewanaba nga Fatwima muwala wa Muhammadi yabbye njakutemako omukonogwe*".

EBY'AYOGERWA KU MUHAMMAD (SAW).

Wano twagala tukuleetere ebigambo by'abamu kubagezi bakakensa mabantu b'eBulaaya nga boogera ku mubaka (SAW) nga ebigambo byabwe biraga okukakasa kwabwe n'okukkiriza kwabe

obunene n'obukulu bwa nabbi (SAW) n'okukakasa obwa nabbi bwe n'ebitendobye ebyawaggulu n'obutuufu bw'ebyo byeyajja nabyo nga beewaze obusosoze n'obulimba bwebasaasanya abamu kubalabe b'obusiraamu.

Agamba omuzungu ayitibwa **Branard shuw** mukitabo kye kyeyatuumma "*Muhammad*" ekyo gavumenti ya Bungeleza kyeyayokya yagamba nti: Ensi yonna netaavu nnyo eri okulowooza kwe Ddiini ya Muhammad, eri mukifo ekiwebwa ekitiibwa n'okutwalibwa nga y'awaggulu, mazima yyo yeddini ekyasinze okusingako amadiini amalala era ey'okuwangalirawo oluwangala Iwonna emirembe gyonna, era mazima nze ndaba bangi mubaana b'abantu bange bayingidde mu ddini eno kubunyonnyofu bwennyini era ndaba nga eddini eno egenda kufuna obuganzi n'okwetaaya kulukalu Iw'ebulaaya (Europe).

Era n'agamba nti:

Mazima abasajja abannaddini mu kyasa eky'awakati olw'obutamanya bwabwe eddini eno baagiteka mukifananyi ekikyamu, kuba balaba nga nti ddiIni y'abulabe eri obukuristayo naye nze nkigoberedde nenzuula ensonga y'omusajja ono y'abyewuunyo ebitatendwa era nenkiraba nga tebangako yabulabe

eri obukurisitayo wabula atekwa okuyitibwa Muhammad ono ateekesa abantu mu nkola era abalaga ekyo kyebalina okkola. Era mundaba yange mazima yye Muhammad singa awtala obuvunanyizibwa bw'okukunga ensi eno nga akozesza amateeka g'eddini eyo olwaalelo lyandibade ekkubo lyokka elijjawo emitawaana gyaffe gyetulina mu nsi nga yeesiima oyo akkiriza obusilamu obwo obukunganya embeera z'obuntu gyebuli ennungi.

Era yagamba ***Solo sotov***: Omugezi era omuzungu ayitibwa ***Tomasi kaarlil***, agamba mukitabo kye (ali ibitwal) okusaanyawo, agamba nti kati ekiseera kituuse eri buli muntu sekinoomu kumulembe guno nga bwetaavu bunene nnyo gyali okulaba nga yekomako kwekyo kyayogera nti eddiini y'Obusiraamu eno ddiini y'abulimba nti era ne Muhammad mukonjezi ajingirira, era tutekwa okulwanyisa yenna avaamu ebigambo ebifananako nga ebyo ebikyafu eby'onoona, kuba mazima obubaka bweyaleta omubaka ono tebulekangayo kubeera ttaala eyakayakana mpaka kati okumala ebbanga lya byasa kumi nabibiri mabantu abasukka million ebibiri. Abaffe omu mumwe asobola okukkiriza nti mazima obubaka buno bwe bawangaliddeko era nebabufiirako millions ezo eziyise oyinza okubutwala nti bulimba nabukonjezi?

Era n'agamba omulala ayitibwa **Hinduki rmama kabasana raw**, agamba nti mukiseera Muhammad weyajjira mu kyondo kya buwarabu tekyali kintu ekimanyidwa era ekyogerwako, era muddungu lino eritaali kintu ekimanyidwa era eky'ogerwako yasobola Muhammad kulw'obugunjufu bweyajja nabwo obwamanyi, natondawo ensi yabantu empya mubulamu obupya eri kunkola empya nenkulakulana empya n'obwakabaka obupya obwabuna okuva Buwarabu weetandikira n'okugenda mpaka India, era na'sobola okusiga entegeera nendowoza eteeka abantu mubulamu obweyawulidde n'ebuna semazinga wa mirundi esatu nga ye Asia, Africa ne Europe.

Era yagamba **Alkindi zuimir** nti: Mazima Muhammad tewali kubuusabuusa yali omukulembeze asinga okuba kirimanyi mubakulembeze b'amaddini era kimukakasa ekigambo nti amazima yali commander omusobozi kaada omunyonnyozi atuuusiza ddala ku mutima, omutegesi atereeza era omufumintiriza ogwamanyi, tekigwana kumutenda nakyawukana kw'ebyo ebitendo, kuba ne Qur'an gyeajja nayo, nebyafaayo bye bikakasa ekyo ekinyonnyodwa,

Era agamba omulala omuzungu ayitibwa **Sair Waliam Mousir** yagamba nti; mazima Muhammadi, nabbi w'abasiraamu yatumibwa erinya erya *Amiinu* amakulu omwesigwa okuva mubutobwe nga kino bakyegasseko abantu bensiye olw'obuzito bwempisaze n'obulungi bw'eneysaaye era ensonga keebeere nga efaananye etya muhammad gy'ali yeeri ekkubo lyokugitereeza, tewali ayinza kutegera buzito bwe okujjako oyo asemberedde ddala obulungi. Tunulako mubyafayo bye ebyettendo ebyo ebyafaayo ebyaleka Muhammadi nga mubaka owenkizo era alowoleza ensi yonna.

Era n'agamba nti yasukkuluma Muhammad kubalala mungeli gye yayogerangamu ebigambobye, nayanguyiza abantu eddiniye, n'asobola okukola emirimo egiwummuza obwongo, era ebyafaayo nebiba nga tebiddangayo kutuleetera muzira azuukusa embeera z'abantu ennungi mukiseera ekitono enyo nga nabbi w'obusiraamu ono bweyakola, muhammadi (SAW).

Ate **Aruwal ne Turstue** bagamba nti: Kimala bumazi eri Muhammad okubeera nga yayagala okubeera nga yamenyawo Ummah eyali enyomebwa olw'okubbinkira mukutambulila ku ntoli

za shayitwan neby'obuwangwa ne nnono ebinyoomoofu n'agirinnyisa era n'aggula amaaso n'ebyen yi byabwe eri ekkubo (Sharia), amateeka ge ddiniye Muhammad gajja kubuna ensi yonna olubuna olugigatta munkola eyamagezi n'obugunjufu.

Era agamba **Shibrik**, yagamba nti ekituufu omuntu alimu ak'obuntu, abeera atekwa okwewayagalira mukubeera nti omusajja nga Muhammad atwalibwa nti w'alulyolwo kuba tunuulira Ummah ye okubeera nga mubyasa ekkumi n'ebigwamu okusobola okubaleetera Sharia ey'omuwendo, singa naffe aba Europe tuba tugitunuulidde tugenda kubeera abasinga okuba mu mirembe tutuuke ku kyeyatuukako.

Ebirimu

Embeera y'Abawarabu nga tanamutuma:	3
Eky'afaayo ky'Enjovu ezajja okulumba Kaaba:.....	8
Okuyonsebwa kwa Nabbi saw :.....	10
Okwabuluzibwa kw'ekifuba kya Nabbi swalla Llahu alaihi wasallama.....	13
Obwa Nabbi.....	18
Da-awa ya Nabbi SAW ey'olwatu:	22
Okusenguka okugenda e Habasha:	26
Omwaka ogwennaku eri omubaka SAW:.....	30
Omubaka (SAW) e Twaifa:	32
OKW'EBEJULAMU KW'OMWEZI:	34
Olugendo Iwa Mi'iraaj	35
EKIFO KYA DA'AWA EKIPYA:	40
NABBI (SAW) NGA ALI E- MADINAH:.....	45
Olutalo Iwe BADIR olunene:.....	48
OLUTALO LWE U-HUDI:	50
OLUTALO LWE (HANDAQ) LUWONKO:	51

OKUGGULAWO MAKKAH:	52
OKUSINDIKA EBIBINJA N'OKUWANDIIKIRA BA KABAKA:	55
OKUFA KWA NABBI SAW:	56
EBITENDO BYA NABBI (SAW) MUKIKULA KYE:	57
Mumpisa za Nabbi SAW:	58
Eby'amagero bye (SAW):	61
EBYAJJA BIBAAWO NEBY'OKUYIGA EBIBILIMU	66
MUBYAFAAYO BYE (SAW)	66
ENKOLAGANAYE N'ABATO:	67
ENKOLAGANAYE NEBAKYALABE N'ABALALA:	69
OKUSAASIRAKWE (SAW):	70
Obugumiikiriza bwe (SAW):	71
Okwerekerezakwe (SAW).	78
Eby'okulya n'okwambalakwe (saw)	80
Obwenkanyabwe (SAW)	82
Ebyayogerwa ku Muhamad (SAW)	84